

# OMUSINGI OGW'OBU KRISTAYO OGWAMAZIMA

EKITABO EKY'OMUSINGI OMUNYWEVU  
OGW'OMUYIGIRIZWA

**EKITABO EKY'OKUJJUZAMU**

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19-20).

**Obutabo bwaffe obulala obwa FDM.WORLD.**

Obufumbo Buwereza Omuwandiisi: Craig Caster  
Okukuza Abaana Buwereza: Omuwandiisi Craig Caster  
Okutegeera A Bavubuka: Omuwandiisi Craig Caster

Obutabo bwonna obwa FDM.world busembeddwa okusomebwa omuntu kinoomu oba ekibinja ekitono ngekyokukozesebwa mukuyigirizibwa nomuwabula

**Kino kikulu: Empapula awatawandikidwa okuva okuva mukatabo zajibwamu, ezimu zabukibwa olwensonga.**

# FAMILY DISCIPLESHIP MINISTRIES

OBUWEREZA BW'ABOLUGANDA ABAYIGIRIZWA

Enamba :(619) 590-1901

Ekibanja: [www.FDM.world](http://www.FDM.world), [www.Discipleship workbook.com](http://www.Discipleship workbook.com)

Omusingi gw'Obukristayo ogwamazima, omusingi omunywevu ogwabayigiriza omuwandiisi: Craig  
caster ISBN 978-1-7331045-5-5

Kyafulumizibwa mu 2021 ne Craig caster mumateeka 06232021 okwejukanya

Nebaza mutabani wange Justin okolagana nange mu mulimu gwakatabo kano.

Okujjako ebiwandikiddwa, ebyawandikibwa bigiddwa mu Baibuli ya New king James version

1982 ne Thomas Nelson eyatuwa olukusa

Ebyawandikibwa bilambidwa ne KJV biva mu king James version 1987 webyafulumizibwa mulujjudde.

Ate ebyawandikibwa ebilambidwako NASB byo bigidwa mu NEW AMERICAN STANDARD BIBLE

Byafulumizibwa mu 1960,1962,1963,1968,1972,1973,1975,1977,1995 neba Lockman foundation.

Obutaziyizibwa mateeka tewali akirizibwa kudamu kufulumya katabo kano ngakokesedwamu  
ngatofunye lukusa okuva ewomuwandiisi

## Ebirimu

Ebaluwa Okuva Ewomuwandiisi .....	5
Essuula 1: Yesu Kristo Omwana.....	7
Essuula 2: Obwa Taata Bwa Katonda .....	22
Essuula 3: Omwoyo Mutukuvu .....	37
Essuula 4: Okukuzibwa Kwo Mwoyo N'okukula .....	49
Essuula 5: Okusonyiwa N'okutabagana .....	68
Essuula 6: Entalo z'Omwoyo.....	90
Essuula 7: Okufa n'Enkomerero .....	116
Ekyongerezeddwako A: Okukulaakulanya Enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku .....	147
Ekyongerezeddwako B: Ebitabo Ebisembewa.....	149
Ekyongerezeddwako 'C' Enkuluze .....	151
Ebbaluwa Eri Omuyigirizwa.....	157
Ebikwata Kumuwandiisi .....	158

## **Ebaluwa Okuva Ewomuwandiisi**

Mukwano omugoberezi,

Nga n'akamala emyaka ebiri okuva lw'enayingira mu buwereza bw'ekiseera kyonna, nesanga nganewunyiza omuwendo gwabakristayo gwenabulirilanga betwakungananga nabo buli lunaku ngatusinza, Era abaalina okumanya okutono eri amazima agebyawandikibwa mu Baibuli. Bwenagabanako okufaayo kwange eri bakozi banange ngatumaze okusaba kwo kumakya, omuwandiisi wange nambuuza, "Lwaki kino tokiteeka mubuwandiike kisobole okubayamba?

Omutwe gwange negujjula ebibuuzo bingi n'okubusabuusa: nti obudde nabujjawa nze? Ye ani anabisoma? Ddala nsanidde okuwandiika kukungaana ngatusinza? Sigendangako mukutendekebwa mumasomero ga Baibuli yadde okutikirwa mubibiina ebya wagulu.

Bwenatandika okusaba, ne nsaba okulungamizibwa, mukama nampa okuyayaana mu mutima gwange amazima gebyawandikibwa agankolera omusingi ogwokumanya nokumwesiga. Okubulwa okutegeera nokukiriza eri amazima gano kiwa sitani ekubo egolokofu mu ndwooza zaffe otulimba, otuziyiza nokutukema ngatuyingizaamu okutya n'okubusabuusa okumanya katonda yaani era tuli kki ng'abaana be.

Mundagiriro eno mubwongo, ngakwotadde nokuzibwangamu amanyi olutatadde, n'obuwagizi eri abakozi, natandikirawo omulimu nempita mumitendera okutandika wo omulimu gwakatabo kano. Okuva Kati, emyaka abiri egiyise, newunya katonda jakozesezza akatabo kano akokungaana mukusinza bwekakyusizza obulamu bwabantu muni yonna.

Esaala yange jooli eri nti omulimu gwakatabo kano gukulunganye munda enkolaganayo ne yesu kristo era etekewo omusingi mumwoyogwo ogutavaawo mukukirizakwo, okuyamba okukusembeza waali buli lunaku nokutambulira mubutukirivu bwe. Era nsubira nti ngomazeeko akatabo kano, ojakakozesa ngekikozesebwa okutukiriza omulimu gwakatonda okugenda okufuula abagoberezi ngosaba katonda akubikulire omuntu mubulamu bwo gwosobola okutambula naye.

Nyongerako kino, nkukybiriza osome obutabo bwaffe obulala, Obufumbo nabwo buwereza, okukuza abaana nabwo buwereza, nokutegeera abaana abali mummyamya jakumina,

okutwala amagezi gobwakatonda nga bwekiri eri omwagalwawo nabaana. Osobola obusanga kumutimbagano gwekibanja kyaffe (website) [www.FDM.World](http://www.FDM.World).

Ngabwosembeza yesu buli lunaku era ofuuke omugobezezi, akuyise era akufuseeko amafuta obeere. Amiina!

Mu Kristo nze,

Omusumba Craig Caster.

# Essuula 1: Yesu Kristo Omwana

Nakuzibwa bakadde bange abakatoliki nensomera musomero lyabakatoliki paka kumutendera ogwomukaaga. Nali setanira bya diini ngomwana omuto, naye nali ntegeeramuko ebya katonda eranga manyi yemutonzi wensi Era nga yalina omwana we nga ye yesu, naye ngebya yesu simanyi jebyatandikira. *Katonda yeyamutonda? Obulamu bwe bwatandika ne maliam emberera?*

Ngamaliriza omutendera ogwomukaaga, satekangayo nyo mwoyo kubikwatagana nebyediini. Nali sagala kulwooza kubyakatonda oba Yesu yenyini kubanga nalwooza nti tebanjagala. Nali mumbeera eyokuwangula, nga nkola binyumira ebyokwegomba kwange ngolumu nekaka mbeere omusanyufu. Kaali kaseera kazibu mubulamu bwange. Naye yesu nanviirayo ye keniyini nganina emyaka abiri mugumu ejobukulu era nenzikiriza yesu okuba mukama wange era omulokozi wange. Emyaka bwejayitawo nentandika okusoma ekigambo kyakatonda era nembeera omugoberezi omulungi eri abakuze mukukiriza. Banyamba nyo okuyiga enjigiriza entuufu eya kristo nokumanya ensonga lwaki yajja kuni.

## Kyetuyiga 1—Yesu Kristo y'ani?

Engeri nyingi ezilabibwamu n'okumanya yesu yaani. Abamu bakiriza okubanga ye nabbi oba musomesa. Abalala ba mulaba ngomuntu eyabelawo edda n'afa. Kati yesu bwakubuuza ekibuuzo Kyekimu kyeyabuuza abayigirizwa be mu Matayo 16?"Mumanyi naani?" (olunyiriri 15) gwe oyinza kudamu otya?

---

---

---

Enzikiriza yekikristayo yajja ngesinziira ku kumanya yesu, era nebyawandikibwa ebitukuvu wetusanga nokumubikurirwa. Obulamu bwo bwonna bujjatereera mungeri jomukirizzamu.

## Yesu yemutonzi

Ndwooza Kiba kirungi abantu abasinga abakiririza mukutondebwa kwensi, nga bwekyawandikibwa mu Lubereberye Essuula 1:1, kikwatagana ne katonda. Kati bwenkugamba nti yesu yakola kinene nyo kukutondebwa kwensi eno?

Mubufunze wandiika kyoyiga ku yesu

Abakolosayi 1:16-17

---

---

---

## Abebulaniya 1:10

---



---



---

Mu Suula zino tuyiga nti yesu yakola kinene nyo mukutondebwa. Era yankanankana ku kitundu kyobusatu era yaliwo Olubereberye. Yesu yatonda byonna okuyita muye.

Ekilala tujjakulaba okwenyigiramukwe mukutondebwa tekwakoma kuntandikwa. Buli kimu kyetagisa okubeerwa kwe.

**Yesu y'atubeezawo**

Okusenziira mu bebulaniya 1:3, Yesu ebintu yabikwasaganya atya byonna?

---



---



---

Kristo siyemugezi era owamanyi omutonzi webintu byonna, naye mu mazima akuuma ebitonde. Abadde akuuma obulamu okuva kuntandikwa, ngatanajja, nelweyaliwo noluvanyuma lwokubeera kwe kungsi. Nga kati atudde kunamulondo kumukono ogwa dyo ogwa katonda kitaffe awaniridde ensi.

Okubeera omutonzi natubeezawo sikyekyokka, yesu yasangula omutango nafuuka omununuzi era omulokozi wensi.

**Yesu Mununuzi waffe,**

Kiki mu kitabo kya Tito 2:14 ne abakolosaayi 1:13-14 kyebyogera kubununuzi bwe?

---



---



---



---



---

Emyaka nkumi biri egiyise, Yesu yaleka namulondo ye najja nabeera kungsi abeere sadaaka, yakola kino okuba n'obuntubulamu otutabaganya bupya eri ekigendererwa ekituufu.

*Okubeezawo*—Okuwa obuwigizi eri; okunyweza; okulabirira.

*Okununula*—Okuddamu okufuna nga osasula; okununula, okusumulula, oba okununula okuva mu buwambe oba mu buddu; okuwona oba okutuusa.



## Ekyokuyiga 2—Lwaki Twetaaga Omununuzi?

Tekyetagisa kutunula wala olyoke okakase nti waliwo obukyamu okuba nobuntubulamu. Nfunye obukakafu obumala eri omutima gwange. Kiki kyolaba bwotunulira ogugwo? Tuddeyo kuntandikwa okunoonya ensibuko yobuzibu.

Kyatandikira mu lusuku Edeni--eggulu lyebaali batondedewo omuntu era nobutonde bwa buli kintu ngakitukiridde. Kyali kiseera ng'omutonzi atambula bulambirira nebitondebye. Mukutebereza waliwo ebitagenda bulungi.

Soma Lubereberye 1:26 kifananyi ki omuntu eyasooka okutondebwa kyeyafaakoko?

---

---

---

Wetegereze ekigambo *ffe* ne *byaffe*, kilaga nti katonda yakolanga ne yesu ngabatonda omuntu eyasooka oluvanyuma nebamutuuma Adamu.

Soma Lubereberye 2:15-17 kiki ekyo ekyomuzizo katonda kyeyatekawo eri Adam? Kiki ekyabadewo oluvanyuma oluvanyuma lwokujeema?

---

---

---

Soma Lubereberye 2:18-22 ngabawadde Adam ekilagiro katonda namukolera omubeezi gwebayita Eva, Kati Soma Lubereberye 1:28 Era wandiika katonda byeyalagira gweyatonda mukifananyi kye.

---

---

---

Katonda yakola Eva namuwa Adam okuba bba. Nalagira Adam akuume ebitonde byonna. Buli kimu kyaali kirungi, naye sitani nayingira mumusota ngabwekyawandikibwa mu Lubereberye 3. yajja ngomubbi okubba, okutta n'okuzikiriza eri ebyo katonda byeyategekera Adam ne Eva (yokaana 10:10). Sitan akakodyo keyakola kukema Eva abusebuuse obulungi bwa katonda. Kiki sitan kyeyabuza Eva mu Lubereberye 3:1?

---

---

---

Eva yamwanukula atya mu Lubereberye 3:2-3?

---

---

---

Kino kiyige nti Eva yali amanyi eteeka katonda lyeyalagira bba Adamu, eteeka lyamuwebwa oluvanyuma ngatebanamutonda. Adam yeyakigabana ne Eva, okutegeera omugaso gwokulabula kwakatonda, nabeera wa mazima okubulira mukyalawe eteeka elimuwewedwa.

Bulimbaki Sitan bweyagamba Eva mu Lubereberye 3:4?

---

---

---

Kiki Sitaani kye yagamba nti kyandibaddewo singa alya ku bibala ebiri mu Olubereberye 3:5?

---

---

---

Kiki Eva kyeyasanga mukibala mu Lubereberye 3:6?

---

---

---

Kiki kyeyasalawo okukola?

---

---

---

Kiki Adamu kye yayogera era kye yakola Kaawa bwe yamuwa ekibala?

---

---

---

Omukazi eyasooka yakiriza omulangira wobulimba, nabuusabusa obulungi bwomutonziwe ate eyasooka omusajja talina kyeyayogera, okujako okugoberera obujeemu.

Adam yalemwa okuwuliriza nokugondera ebilagiro nagoberera ebya mukyalawe, yandimuziyizza nakola kyonna ekisoboka okutukiriza katonda kyeyamugamba. Adam ne Eva bakiriza obulimba bwa sitan nebonoona eri katonda ngabamubusabuusa. Yabalabula kubinaddako nti bijja kukosa omuntu.

- Okukungaana wakati wa katonda ne kifananyi kye ngakinenyese (Lubereberye 3:8-10).
- Katonda yagoba omuntu mu nnimiro ye Eden (Lubereberye 3:23-24)
- Omusango gwobujeemu kufa (Lubereberye 5:5).

- Ekibi kya Adam kyabuna wonna eri omuntu (Abalumi 5:17-19).
- Obuntu bulamu bwabulwa essuubi elitalina makulu okwezza (Abefeso 2:12).

Twatondebwa mukifananyi kyakatonda, bwekiri, tutekawo endowooza mu mitima Jaffe eyomuulira omukwano. Katonda yatuwa buwa okwagala kwe, Wabula kyetwamusasulamu kumwegaana, obudde webwayitawo ebyenimiro ngabiwedde ebintu nebitabuka.

Nnyonnyola mu bufunze Katonda bye yalaba ng'atunuulira abantu.

Olubereberye 6:5

---

---

---

Okuva 32:22

---

---

---

Zabbuli 53:1-3

---

---

---

Abantu babuze mu kibi awatali ssuubi. Okuva ku ntandikwa, twava ku Mutonzi waffe ne tunoonya okwefuga okuva gy'ali — nga tutuukiriza n'amalala okwegomba kw'omubiri gwaffe. Tewali kikyuse leero. Obujeemu bwaffe eri Katonda buleeta obulumi, okubonaabona, n'ennaku zaffe zonna ez'obulamu buno.

### **Ekibi kye ki?**

Omusango gwona eri katonda.

Okwegurumiza kwo muntu osinga omutonzi

Obujemu obwe kika kyona eri amateeka ga katonda.

Okweteeka mu kifo Kye ng'obuyinza obusembayo mu bulamu bw'omuntu.

<p><b>AMAZIMA AGOMUNSINGI</b> Yesu Kristo ye Mutonzi era abezaawo obulamu. Yajja ku nsi okununula bantu.</p>
--

Nga bw'otunuulira obulamu bwo n'ensi ekubeetoolodde, okkiriziganya n'okukebera kwa Katonda ku buntu era nti essuubi lyaffe lyokka ery'okununulibwa kwe kudde eri Katonda?

### **Ekyokuyiga 3—Twanunulibwa Tutya?**

#### **Omusaalaba gwa Kristo**

Yesu Kristo yawaa atya abantu okununulibwa okuva mu mbeera y'ekibi gye baalina?

Abeefeso 1:7

---

---

---

1 Petero 1:18–19

---

---

---

Abaruumi baayiiya okufa nga bakomerera ku musaalaba, enkola esinga okutulugunya abamenyi b'amateeka abasinga wansi. Kwali kutta kwa nsonyi era nga kuluma mpola. Bayibuli eyigiriza nti bangi ku Bayudaaya banne ba Yesu baamugaana, mikwano gye ne bamuleka, era abakulembeze b'eddiini ne gavumenti ne bamuvumirira. Yasekererwa era n'akubwa emiggo—n'akubwa ku mugongo gwe ogw'obwereere n'ekibookisi eky'amaliba ekyalimu ebitundutundu by'ebyuma ebyabikkulwa. Abakuumi b'Abaruumi baamusikamu ebirevu ne bamufuuwa amalusu mu maaso. Olwo ne bamwambula obwereere ne bazannya zzaala olw'engoye ze.

Yesu, Omutonzi waffe, olwo n'akomererwa emisumaali nga mulamu ku musaalaba gye yawanikibwa, ng'afa, okumala essaawa mukaaga ez'obulumu. Essaawa ze essatu ezaasooka ku musaalaba, bangi abaali bayita mu kkubo baamusekerera, ate abalala ne bakaaba olw'entiisa. Mu ssaawa ssatu ezaasembayo, eggulu lyafuuka ddugala ng'ebibi by'ensi bimuteekebwako. Ku lunaku olwo, emyaka egisukka mu nkumi bbiri emabega, ebibi byaffe byayingizibwa mu kufa kwe (Matayo 26:3–27:56).

Soma Isaaya 53:3–6. Funza ebyo nnabbi Isaaya bye yayogera ku Masiya eyalagulwa.

---

---

---

Osobola okukkiriza nti Isaaya yayogera ebigambo bino emyaka egisukka mu bikumi mukaaga nga Yesu tannafa olw'ebibi byaffe ku musaalaba? Okufa kwa Yesu kwe kutuukirizibwa kw'obunnabbi buno, nga bamusongako ng'Omulokozi ow'amazima.

**AMAZIMA AGOMUNSINGI**  
Olw'ekibi kyaffe, Katonda yali atubanja ebbanja lye tutasobola kusasula. Yesu yatununula n'asasula ebbanja lyaffe ng'ayiwa omusaayi gwe ku musaalaba.

Soma Yokaana 19:30. Bigambo ki Yesu bye yayogera nga tannafa?

---

---

---

Yesu Kristo yamalizira omulimu gw'okununula ku musaalaba. Oluvannyuma lw'okufa kwe, Yusufu ow'e Alimateya yamuteeka mu ntaana mwe yamala ennaku ssatu. Naye okufa tekulina buyinza ku Yesu.

**Okuzuukira kwa Yesu**

Okusenziira ku Yokaana 20, Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, yazuukira mu bafu! Soma 1 Abakkolinso 15:17. Lwaki okuzuukira kwe kukulu nnyo?

---

---

---

Omutume Pawulo akubiriza Abakkolinso okukitegeera nti awatali kuzuukira kwa Kristo, tewandibaddewo kusonyiyibwa bibi oba okusuubiza obulamu obutaggwaawo ne Katonda.

Soma Abaruumi 4:25. Lwaki Yesu yazuukizibwa mu bafu?

---

---

---

Yesu yetika ebibi byafe mukufa kwe. Amazukira ge ayoleesa obutukirivu bwe ne kirabo ekyo bulamu obutaggwawo ne katonda. Yesu yawangula amagombe, ekikakasa nti yali sadaka esanide era katonda nakiriza obulamu bwe kulwafe. Daudi yabuuza katonda ekintu Mubwenkanya – okwogera edembe okuva mukusingisa oba okunenyezebwa, okuyisibwa nga abatukirivu, edembe okuva mu kubonerezebwa kwe kibi.

*Okuweesa obutuukirivu—*  
Okulangirira nga toline musango oba okunenya; okusonyiwa omusango; okuyisibwa ng'abatuukirivu; nga tewali kibonerezo kya kibi.

**AMAZIMA AG'OMUNSINGI**  
Okuzuukira kwa Yesu Kristo kikulu nnyo eri enzikiriza y'Ekikristaayo kubanga singa tekwaaliwo, Yesu yandibadde afudde ng'omuntu wa bulijjo. Ekisuubizo ky'obulamu obutaggwaawo eri abaana be kyandibadde kyereere, era teyandibadde Katonda.

**Lwaki Yesu Yagenda Ku Musaalaba?**

Kibuuzo kyangu. Omusumba Dawudi yabuuza Katonda ekintu ekifaananako bwe kityo mu emu ku Zabbuli ze. Oluvannyuma lw'okulowooza ku bunene n'amaanyi ga Katonda ne byonna byeyatonda, Dawudi yabuuza nti, "Omuntu kye ki

ky'omulowoozaako?" (Zabuli 8:3-4).

Lwaki Yesu yagenda ku musaalaba kyeyagalire?

Abaruumi 5:7–8

---



---



---

Yokaana 3:16

---



---



---

Kiyinza okuba eky'angu bwe kityo? Kili. Newankubadde nga tetusobola kutegeera bulungi buziba bwa kwagala kwe n'omuwendo gw'atuteekako, bukakafu obulabika era obw'olubeerera obw'ekisa n'okusaasira kwa Katonda okutaliiko kkomo, by'atuwa.

#### **Ekyokuyiga 4— Okulokoka olw'Ekisa**

Katonda yalina eddembe lyonna okugaziya omusango gwe ogwobutuukirivu ku bibi by'ensi eno, naye mu kifo ky'ekyo, agaziya okusaasira n'ekisa. Soma Abeefeso 2:1–9 era mufunze by'oyiga.

---



---



---



---



---

*Okusaasira*— Okugumiikiriza okutuusa obulabe olw'okubonereza; endowooza y'okusaasira oba okusonyiwa; okwagala okuwonya oba okuyamba; omukisa ogutwalibwa ng'okwolesa okusaasira oba okusiimibwa.

*Ekisa*— Okusiimibwa okw'obwakatonda okutasaana; ekirabo kya Katonda ekisukkulumye ku butonde, eky'obwereere ekyaweebwa abantu olw'okuzaalibwa obuggya oba okutukuzibwa; obulokozi okuyita mu bulungibwansi bwa Yesu Kristo; okwagala okw'obwakatonda; okusonyiwa omwonoonyi eyeenenya.

Ekisa kya Katonda n'okusaasira kwe tebifunibwa era tebisaanidde era bifaananyizibwa mu bulamu, okufa, n'okuzuukira kwa Yesu. Buli ku makya kipyra era kiwa obujulizi obugenda mu maaso obw'okwagala kwe okutalemererwa. Tewali kye tuyinza kukola kumuleteera kutwagala nnyo era tewali kye tuyinza kukola kukendeza kwagala kwe. Okusaasira kwe kuziyiza okwawukana kwaffe okw'olubeerera ne Katonda okutugwanidde. Ekisa kye kiwa ekirabo eky'obulokozi eky'obwereere okuyita mu kufa kwa Kristo n'okuzuukira kwe.

Ekisa kirabo kye tutasaanidde, era okusaasira bwe butafuna kye tusaanidde. Mu kifo ky'omusango gwe ogw'obutuukirivu, Katonda awaayo obulokozi eri bonna.

**Obulokozi kye ki?**

Okusumuluribwa mu maanyi ne ebiva mu kiibi.

Edembe okuva mu kizikiza ne ebiriwoozo.

Okusumulurwa okwengyawulo okuva mukusarirwa omusango okwengyawulo.

Okwekuma okuva eri okufa no kubonabona okutagwawoo.

Obulokozi bunyonyeredwa butya mu kitabo kya Baluni 6:23?

---

---

---

Sinzira kubaruumi 10:11-13 bani abalokorebwa?

---

---

---

Soma 1 Yokana 2:2. byonono byani yesu byeyafirira?

---

---

---

Sooma 1Temitewo 2:4-6 katonda ye gomba kutasa ani?

---

---

---

Yesu kristo yafa kulwo kwonona kwa bantu fena. Yegomba fena tomukowoole tufune kusumuluribwa okuva mukusalibwa omusango ne nokufa.

## Ekyokuyiga ekyokutaano—Tulokoka tutya?

Oyina okumanya jofunamu obulokozi. Ensomesa enfu eyamadiini egamba nti mu kukola omuntu asobola ofuna okuganja eri katonda Era nafuna obulamu obutaggwaawo. Sikubeera mubulamu obweyagaza, okwagala abalala n'okugenda mu kanisa buli kiseera nti olwo katonda lwatukiriza.

Wandiika biki byoyiga mu byawandikibwa bino wamanga:

Yokaana 14:6

---



---



---

Ebikolwa byabatume 4:12

---



---



---

Yokaana ekisooka 5:12

---



---



---

### **OMUSINGI OGWAMAZIMA**

Tewali ngeri yonna omwana w'omuntu walokolebwa mukibi okujako ekisa kyakatonda nolwa sadaaka ya yesu. Okugaana omusalaba gwa yesu, kwekugaana obulokozi. Obutakiriza yesu kwekusigala nga tolina suubi nga wabula era ngotitiira mumaaso gakatonda.

Enkolagana ey'obuntu ne Katonda egaziyizibwa mu nsi, naye ku bukwakkulizo bwe bwokka. Katonda yakola enteekateeka buli muntu okuyingira mu nkolagana ey'oku lusegere naye olw'omusaayi gwokka Yesu gwe yayiwa ku musaalaba n'okukkiriza Yesu.

### **Tufuna tutya ekilabo ekyobulokozi?**

Wandiika kyoyiga mu suula zino okufuna ekilabo kyakatonda eky'obulokozi?

Makko 1:15

---



---



---



Ne kaakano, abayudaaya basomesa nti okufuna obulamu obutaggwaawo ngayita mumateeka n'okukola. Naye yesu yakozesa ekigambo kwenenya. Kyakozesebwa mu njiri ng'obulokozi tebunajja, Okwenenenya kitegeeza okuva munzikiriza y'okutambulira mumateeka, oba okubeera omuntu omulungi eri obulokozi okuyita kumusalaba n'okukikiriza mu yesu kristo. Eri abakiriza obulokozi, okwenenenya kitegeeza okusaba okusonyiyibwa ebibi byokoze, n'okukikiriza mu njiri ya yesu.

Okwenenya—(Oluyonaani)  
Okukyusa endowooza y'omuntu.

Ebikolwa Byabatume 16:30–31

---

---

---

Amawulire amalungi ag'enjiri kwe kukkiriza mu Yesu Kristo. Tetulokoka lwa bikolwa byaffe, ebibi bimeka bye tujjukira, bwe twenenya mu bwesimbu ebibi byaffe, oba obusobozi bwaffe okutegeera amateeka ag'omwoyo. Tewali muntu yenna ayinza kujjukira bibi bye byonna okwenenenya oba n'okulaga eddaala ly'ennaku olw'omuwendo gw'ebibi ebyo ebyasasulwa ku musaalaba. Nga bwe tufuuka abayigirizwa era ne tuyiga ekigambo kya Katonda, tuyiga nti bonna boonoonye era beetaaga obulokozi okuyita mu musaalaba gwa Kristo, era bonna balina okuyiga engeri y'okukula mu mwoyo n'okukyusibwa mu kifaananyi kye.

Yesu yatukolera emirimu gyonna tusobole okulokolebwa tufune ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo naye. Okukkiriza Yesu Kristo nga Mukama era Omulokozi tekulina kukendeezebwa oba okutwalibwa ng'ekitono, kubanga kye kigendererwa ky'okutonda kwaffe n'engeri gye tununulibwamu. Okukkiriza mu Yesu kitegeeza okukkiriza Yesu ali mu Baibuli, so si omu omuntu gw'akola. Abantu bangi tebaategeera misingi gya thelogiya egy'obuziba egy'enzikiriza y'Ekikristaayo bwe baali bakkiririza mu Yesu, naye ate ne bafuuka abatebenkevu mu bulokozi bwabwe mu kaseera ako. Okuyigiriza okw'obuziba kujja oluvannyuma lw'okukkiriza, nga bakkiririza mu Yesu nga Mukama era Omulokozi, kubanga Omwoyo Omutukuvu abeera munda, ekibaawo oluvannyuma lw'obulokozi, mwe basobola okutandika okutegeera n'okukola emisingi gino mu bulamu bwabwe.

**OMUSINGI OGWAMAZIMA**

Obulokozi bwa Katonda bwa bwereere eri bonna abajja okumukkiriza.

“Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. (Yokana 3:16)

Saba essaala ennyangu ey'okukkiriza okufuna Omulokozi wo:

*Mukama Yesu, nkkiririza nti Oli Mwana wa Katonda. Nsonyiwa ebibi byange. Webale kufiira ku musaalaba ku lwange. Beera Omulokozi wange era Mukama wange. Webale ekisa Kyo n'okusaasira kwo, n'okumpa obulamu obutaggwaawo.*

*Twala obuyinza ku bulamu bwange onfuule omuntu era omuyigirizwa  
Gw'oyagala mbeere. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina.*

**OMUSINGI OGWAMAZIMA**

Bwe tukkiririza mu Yesu Kristo,  
tufuna obulamu obutaggwaawo!

Omutonzi wo akwagala nnyo. Bw'omukkiriza, onaazibwa okuva mu bibi eby'emabega n'oweewwa obutuukirivu mu bulamu obuggya ne Kristo.

*Buli amukkiriza talina musango, naye atakiriza  
gumaze omusinga kubanga abeera takirizza omwana  
omu yekka owakatonda. (Yokaana 3:18)*

*Okusingibwa omusango — ( oluyonaani) Okusalirwa  
omusango, okuyitibwa  
okuwozesebwa nti omusango  
gw'omuntu gusobole  
okwekebejjebwa n'okusalirwa  
omusango.*

Kigambo ki kyoyinza okunyonyola ekiddako eri abo abatakiririza mu yesu kristo?

---

Amawulire a marungi eri abo abakiriza yesu kristo, tetujja kusalirwa misango.

## **Ekyokuyiga ekyomukaaga (6)—Kitegeeza ki ng'abakiriza?**

### **Abakiriza Batukuzibwa.**

Funza kiki kyoyize mubyawandikibwa bino wamanga:

Abaruumi 3:23-26

---

---

---

Ebikolwa by'abatume 13:38-39

---

---

---

Soma abakolosaayi 2:13-14 katonda yatukola atya nebanja lyekibi?

---

---

---

Okusenziira ku 2 Abekolinso 5:21, Abononyi bafuuka ki bwebawaayo obulamu bwabwe eri kristo?

---

---

---

#### **OMUSINGI OGWAMAZIMA**

Bwetuwayo obulamu bwaffe eri yesu kristo ebibi byaffe bisoniyibwa era tuli batukirivu mu Kristo.

Kiki Ekyabaawo Kumusalaba?  
Ebibi Byaffe Byatekebwa Ku Yesu.  
Mubulokozi, Obutuukirivu Bwe Buli Kuffe.  
Ataalina Musango Yasasula Omutango.  
Yatujja Mukutya Kati Tuli Ba Dembe.

#### **Abakkiriza Bazaalibwa Nate**

Soma yokaana 3:1-8. Yesu yagamba atya Nikodemu kiki kyaba akola okusobola okuyingira obwa kabaka bakatonda?

---

Soma Abefeeso 2:1-5. Nkyukakyukaki ekolebwa omukiriza omulokole?

---

---

---

*Okuzalibwa Omulundi ogw'okubiri*—  
Okuddamu okuzaalibwa; okudda obuggya; nga bafunye obulamu obw'omwoyo.  
*Emirembe n'emirembe*—Emirembe n'emirembe; awatali ntandikwa oba enkomerero; ebitaggwaawo; ey'obuwanvu obutakoma.

**Abakiriza bawebwa ekirabo eky'obulamu obutaggwaawo**

Kiki kyoyiga okuva mubyasubizibwa mu yokaana 3:16 ne Yokaana 11:25-26

---

---

---

Soma yokaana ekisooka 5:11-13 era odemu owandiike Essuula 12 muvigambo byo

---

---

---

Kizibu jetuli okumanya ekilabo kyobulamu obutaggwaawo kubanga amazima gali nti buli muntu afa alabibwa ngafudde. Ngomukristayo newakubadde emibiri Jaffe gifa eri endwadde, emyaka, obubenje omyoyo gwotegufa. Amazima gali nti tujjakuzukira era tuwebwe omubiri omujja ogweggulu ogutalwaala, omukadiwa oba okufa.

Mazima ki goyiga mubulamu obutaggwaawo okuva mu bakoliso ekisooka 15:35-58?

---

---

---

Kubanga enteekateeka yakatonda eri obulamu bwaffe ye yongerayo paka mubutagwawo. Tusubila okukakana ngatufubye netumalako okutukiriza mu bintu ebigwawo. Katonda okwegombakwe otuwa omukisa munsu eno, nesanyu nokumatizibwa tebitukibwako okutuusa nga tutuuse mubutagwawo mumaaso gakatonda jetuli beera mumaaso ga kitaffe alimuggulu n'omulokozi yesu kristo.

**OMUSINGI OGWAMAZIMA**

Bwetuwaayo obulamu bwaffe eri kristo atuwa ekilabo ekyomuwendu eky'obulamu obutaggwaawo.

**Okussa ekimu ne Katonda Kukomezeddwawo**

Soma yokaana 17:20-23 funza esaala ya yesu eli bonna abamu kiriza?

---

---

---

---

---

Twatondebwa okubeera mu kussa ekimu n'Omutonzi waffe Omutukuvu. Twajeemera etteeka lye ne tufuuka abatasaana kubeera mu maaso ge; twasalirwa ekibonerezo eky'okwawukana naye emirembe gyonna n'ekibonerezo ky'okufa. Olw'okwagala kwe, Yesu Kristo yasangula omuwendo gw'ekibi kyaffe ku musaalaba. Yafa tusobole okuba abalamu. Yazuukira tusobole okufuna obulamu obuggya mu butuukirivu bwe. Kati tusaanira kubanga Kristo asaanira. Enkolagana yaffe n'Omutonzi waffe ezzeemu kubanga okufa kwa Yesu Kristo n'okuzuukira kwe bimala.

Twala akaseera katono ofumiitiriza ku by'oyize mu ssuula eno ebikwata ku kwagala kwa Kristo gy'oli, ssaddaaka ye olw'ebibi byo, n'okwagala kwe okuba n'enkolagana naawe. Somo ki erisinga okukwata ku kukkiriza kwo? Nyonyola.

---

---

---

---

---

---

---

Omalirizza Essuula esooka mu kkubo lyo ng'omuyigirizwa era oyize amazima g'enjigiriza aga Yesu Kristo, ejjinja ery'oku nsonda mu kukkiriza kwaffe ng'Abakristaayo. Nkukubiriza okugenda mu maaso! Mu ssuula eddako, ojja kuyiga ku kye kitegeeza okubeera mu nkolagana ne Katonda nga Kitaawo ow'omu ggulu.

## Essuula 2: Obwa Taata Bwa Katonda

Bw'owulira ekigambo *taata*, kiki ekikujjira mu birowoozo? Buli muntu ku nsi eno alina kitaawe omutuufu, era buli taata wa njawulo; n'olwekyo ekitegeeza nti buli muntu alina ky'ayiseemu ne kitaabwe kya njawulo. Abantu abamu balina bataata abalungi abakola kyonna ekisoboka okukuza obulungi abaana baabwe. Abantu abamu bamanyi bataata abakambwe bokka abatamanyi, abatasobola, oba abatayagala kukuza baana nga Katonda bwe yali ayagala. Abantu abalala bamanyi bataata abanafu oba abatalina kye bakola, abatafaayo ku bukulembeze n'okutendekebwa okw'okwagala Ekigambo kya Katonda kye kibalagira okuwa abaana baabwe. Abantu abamu tebamanyi bataata baabwe n'akatono kubanga baalagajjalira obuvunaanyizibwa bwabwe ddala ne baleka amaka gaabwe. Mu ssuula eno, tujja kutegeera obwa taata obwa nnamaddala

### Eky'Okuyiga 1—Kitaffe ow'omu Ggulu

Ka kibe ki ky'oyiseemu ne kitaawo ow'oku nsi, Baibuli etukakasa nti bwe tumala okukkiriza n'okufuna Kristo n'omulimu gwe ogw'okununula, Katonda atukkiriza era n'afuuka Kitaffe. Ojja kuyiga mu ssuula eno nti Kitaffe ow'omu ggulu muzadde atuukiridde, mwesigwa mu kwagala kwe n'okufaayo kwe, omukugu mu kutendeka, omugezi okukulembera, okubeerawo buli kiseera, n'okwemalira ku kukukuza okutuuka ku bukulu.

### Okufuulibwa Omwaana Mu Famire Ya Katonda

Mu madiini, abantu bonna batera okuyitibwa abaana ba Katonda. Oyinda okujjukira okuwulira omusumba oba omukulembeze w'eddiini omulala ng'agamba nti, "Ffenna tuli baana ba Katonda." Kyokka, Baibuli etuyigiriza bulungi nti wadde nga ffenna tuli bantu ba Katonda, Katonda okubeera taata si kyansi yonna. Ani alina obuyinza okuyita Katonda "Kitaffe"?

*Okufuula Omwaana*—Okutwala oba okufuna ng'omuntu yekka; okukkirizamu; okukkiriza; Okusobola okufuna enkolagana ennungi ng'omwana omuto, omusika, mukwano gwo, oba omutuuze.

Yokaana 1:12

---



---



---

Abaggalatiya 3:26

---



---



---

Abaefeso 2:18–19

---



---

Ebyawandiikibwa biwa ekifaananyi ekitegeerekeka obulungi eky'omutima gwa Katonda nga taata mu mbooji y'omwana eyali yazaawa. Soma Lukka 15:11–24.

Omwana bwe yadda mu birowoozo, kiki kye yajjukira ku kitaawe (olunyiriri 17)?

---

---

---

Omwana yateekateeka atya okutuukirira kitaawe (ennyiriri 18–19)?

---

---

---

Taata yamusembeza atya (ennyiriri 20–24)?

---

---

---

Obuziba bw'okwagala kwa Kitaffe ow'omu ggulu gye tuli tebutegeerekeka. Nga abantu abazaalibwa mu maka ge, ffe abafuna okwagala kwe okutaggwaawo, obugumiikiriza, n'ekisa kye.

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Abo boka abawayo obulamubwabwe eri kristo bebayita katonda taata mu butuufubwakyo. Katonda yasindikamutabani we okutununula, okutusonyiwa ebibi byafe, ne okututwala nga abaana be.

**Taata Amanyi**

Kubanga kitafe ali mugulu ate era Yemutonzi wafe, Amanyi bulungi nyo era Ategera bulim sekinomu mungeri eye Ngyawulo. Daudi yawandiika zabuli nyingi Ku magezi ga katonda. Muvufunze biyitemu Wansi. Katonda akumanyi kye nkana ki?

How well does God know you?

Zabuli 71:6

---

---

---

Zabuli 103:13-14

---



---

Zabuli 139:1–6

---



---

Zabuli 139:7–12

---



---

Zabuli 139:13–18

---



---

Katonda yakumanya nga tonnazaalibwa era mu ngeri ey'enjawulo yakukola mu lubuto lwa nnyoko. Yalonda bazadde bo era n'ateekawo embeera mu bulamu bwo, ka zibeere ez'essanyu oba enzibu. Newankubadde oyinza okuba nga tomumanyi oba nga temwamukkiriza, akulabirira, ng'akusenda odde gy'ali. Ye Mutonzi wo, eyakumanya nga tonnamumanya, era akumanyi okusinga ggwe kennyini.

### **Taata Atendeka**

Nga Taata ajjudde okwagala, ayayana abaana be bakule nga bamanyi, bagimu, bantubakulu. Ayagala tubeere neneyiisa ye mu fe, nga twesigamye ku Ye okufuna amaanyi n'okula. Nga ttunnajja eri Kristo twali bamulekwa bo mumwoyo–obwetwaze okuva eri katonda, twemaririla, n' omuze ogwo kwekumiira mubeera zekibi.

Oluvannyuma lw'okukkiriza Yesu Kristo, tuyingizibwa mu famire ya katonda ne tuwebwa obulamu obugya okuyita muye.

Naye nga aba kristayo abagya, tukyamanyidde okukola ebintu mu ngeri yaffe, nga tusinzira kumanyi gafe. Nga tetumanyi okwetwala, okwonona nobutamanya bwafe bwebuli. Naye katonda mumagezi ge amanyi engeri yokutulagamu ebintu bino mubulamu bwaffe. Katonda amanyi buli omu ku ffe mungeri eyangywawulo. Amanyi ebituwa esanyu eriyitirivu ne bituretera ennaku empitirivu. Ategera buli omu eneyiisaye-obunafu, amaanyi, n'okkomo ly'obuntu bwaffe. Era amanyi ebikemo ebitutengula.



Nga taata omugezi, katonda byoona abitunulira mu nga akola nokwagala kwe era atendeka buli omu kufe okukula mumwoyo. Katonda atwagala nga bwe tuli. Naye olwokuba nti atwagala ye nsonga lwaki tagya tuleka nga bwetuli.

Kiki 2 Abakoliso 3:18 kyeyogera ku kifananyi kyafe?

---

---

---

Katonda atandiika omulimu omugya mubaana be balonze abatendeka okusoma, nebatekamu okwagala famire mubo. Ayayanira abaa na be okugabana obutukuvu nokukyusibwa mu kwagala kwo mwana we.

*Okukyusakyusa*— Okukyusa enkola ya; okukyusa mu butonde, mu nneeyisa, mu mutima oba ebirala ebiringa ebyo; okukyusa.

## Ekyyokuyiga 2— Katonda Byakozesa Okukyusa

Ng'omubumbi bw'akozesa emikono gye n'ebikozesebwa eby'enjawulo okubumba ekitundu ky'ebbumba okukifuula ekibya ekirabika obulungi, Katonda mu ngeri y'emu akozesa emikono gye n'ebikozesebwa bye okubumba obulamu bwaffe. Singa twewaayo eri okukwata kwe okugonvu, naye nga kunywevu, ajja kuddamu okutubumba tufuuke abantu ssekinnoomu ab'amaanyi ag'omunda n'obulungi. Katonda akozesa ebikozesebwa bisatu ebikulu mu nkola ye ey'okukyuka: Baibuli, ebigezo n'ebizibu, n'abantu abalala.

### Baibuli

Tuyiga amazima ag'omusingi ag'okukkiriza kwaffe era ne tukula mu magezi, okumanya, n'okukkiriza nga tusoma Ekigambo kya Katonda buli lunaku.

Zabbuli 119:105. Ekigambo kya Katonda \_\_\_\_\_.

Abebbulaniya 4:12. Ekigambo kya Katonda \_\_\_\_\_.

Yeremiya 23:29. Ekigambo kya Katonda \_\_\_\_\_.

Yobu 23:12. Ekigambo kya Katonda kirina okutwalibwa ng'eky'omuwendo okusinga \_\_\_\_\_.

Abaefeso 5:26. Ekigambo kya Katonda kitukuza era \_\_\_\_\_.

1 Petero 2:2. Ekigambo kya Katonda kiri \_\_\_\_\_.

Soma Yokaana 5:38–40. Lwaki Yesu yanenya Abayudaaya ab'eddiini?

---



---



---

<sup>7</sup>Bwe mubeera mu nze, n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabenga kye mwagala kyonna, munaakikolerwanga. <sup>8</sup>Mu kino Kitange agulumizibwa, mubalenga ebibala bingi; era munaabanga abayigirizwa bange. (Yokana 15:7–8)

Yesu yalagira abayigirizwa be okunywerera mu Ye ne mu bigambo bye — okwennyika mu kuyigiriza kwe. Tetulina kumala gasoma Kigambo olw'okulowooza nti tulina omulimu oba okufuna okumanya kwa Baibuli. Ekigendererwa kyaffe kiteekwa okuba okumanya Yesu n'ebyo by'ayagala gye tuli mu ngeri ey'okumpi, nga twagala okugoberera ebiragiro bye. Nga tusigala mu Kigambo

*Okubeera—*  
Okuyimirizaawo;  
okugondera; okweyongera  
okugumiikiriza awatali  
kwewaayo; okusigala nga  
kinywevu.

kye, okwegomba kwaffe kutandika okufaanana n'okukwe, okubikkula kye tulina okusaba, ekivaamu obulamu bwaffe okugulumiza Kitaffe ow'omu ggulu.

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Ekigambo kya Katonda kya maanyi nnyo ky'agenda okukozesa okukyusa obulamu bwaffe.

**Ebigezo n'Ebizibu**

Kiki Ekigambo kya Katonda kyogera ki ku bigezo byaffe n'embeera enzibu gye tuyitamu?

Yakobo 1:2–4

---

---

---

1 Petero 1:6–7

---

---

---

Zabbuli 66:10–12

---

---

---

Kitaffe ow'omu ggulu akozesa ebizibu byaffe okulaga obwetwaze bwaffe, okubikkula obutali butuukirivu bwaffe, okutuyigiriza eby'okuyiga, okukuza okukkiriza kwaffe, n'okututuusa mu kifo ekirimu ebintu bingi eby'omwoyo. Mu kiseera ky'okugezesebwa kwaffe, tulina okuwummula mu kisa kye, okwagala kwe, n'okulabirira kwe okw'ekisa. Bwe tutatwala ndowooza ya Katonda, tujja kugaana okukangavvula kwe era tukkirize ebizibu by'obulamu bitumenye.

Jjukira embeera mu bulamu bwo, mu kiseera kino oba mu biseera eby'emabega, Mukama bwe yakozesa embeera enzibu oba eziruma okukusembereza naye.

**Abantu Abalala**

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Bwe tuba beetegefu, Katonda ajja kukozeza ebigezo byaffe okutufuula ekifaananyi ky'Omwana we.

Katonda ateeka abantu mu bulamu bwaffe okutubuulirira n'okutuzzaamu amaanyi. Era ateeka abantu, okuyita mu bintu ebimalamu amaanyi, okutuyigiriza okuteeka obwesige bwaffe mu ye yekka. Kiki ky'oyiga ku bantu abalala mu nnyiriri zino wammanga?

Engero 27:17

---

---

---

Abaruumi 1:11–12

---

---

---

Zabbuli 41:9–12

---

---

---

2 Timoseewo 4:16–17

---

---

---

Ani Katonda gwatadde mu bulamu bwo okukuzzaamu amaanyi mu kukkiriza kwo?

---

---

---

Ani mu bulamu bwo akusoomooza okubeera omugumiikiriza n'okwagala?

---

---

---

### Ekyokuyiga 3—Empisa Y'akatonda

Bwolowooza ku kigambo mpisa, kiki ekikujjira mubwongo? Sikyekigambo ekijja ngakikalu nga kilimu okubuguma ngokiwulira mu kwagala nemubutonde. Okusinga obumalirivu bwaffe nempisa biba byombi mukifananyi kyokuyiibwa oba abazadde abakaawu. Empisa nzibu, oba towulira Mirembe era ebiseera ebimu nobulumu. Sikyangu okukifuna ngakiwedde noyanjala engalo okifune. Atenga Baibuli etugamba nti katonda atuyigiriza empisa.

Tekisangika okubulira kumpisa yakatonda. Abantu abasinga essira baliteeka ku kwagala kwakatonda nokusonyiwa-- nebigendererwa byakatonda ebitufuula okuwulira obulungi. Naye okwagala kwaffe, kitaffe ali mugulu tayagala ffe okuwulira obulungi. Ayagala ffe tufuuke balungi naye.

<i>empisa</i> —kwekusomesa, okubangula mukwefuga obaokugondera ebikuwereddwa n'oku kuuma omutindo: Okulakulanya nebilagiro era nobiteeka munkola.
--

Soma Abebulaniya 12:5–11.

Ani akola empisa zakatonda (olunyiriri 6)?

---

Empisa zino zikakasa ki? (olunyiriri 8)?

---

Lwaki atuyigiriza empisa? (Olunyiriri 10)

---

Kiki ekiva mumpisa ezo? (Olunyiriri 11)

---

Katonda atugumikiriza era nalemelako mu ndowooza zaffe, eneyisa, nebikolwa ebitamusanyusa, ngatuwa "ebibala ebye Mirembe nokutukirira."

Soma Abaggalatiya 5:22-23 owandiike ebibala katonda byayagala tubale mubulamu bwaffe.

---

---

---

Funza Abafiripi 1:6

---

---

---

Olina obukakafu nti Katonda ajja kukyusa obulamu bwo okuvaamu ebibala bye ebirungi. Akola nnyo okukubumba mu kifaananyi kye. Naye olina okutegeera, tosobola kuyimirira kumpi nga bw'akola omulimu gwe mu ngeri ey'obutakola. Olina obuvunaanyizibwa okujjumbira okufuna n'okugondera okukangavulwa kwe okusobola okukyusibwa.

Ebikozesebwa bya Katonda eby'enkyukakyuka—Baibuli, ebigezo n'ebizibu, n'abantu abalala — awamu n'amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu agabeera munda, biraga obutaba na Kristo, obutamanya bwaffe ku by'ayagala, n'okwetongola kwaffe okuva gy'ali. Osobola okujjukira ekiseera we weeyisa mu ngeri etalaga mpisa ya Katonda ey'okwagala? Bwe wawulira ng'osingiddwa omusango ng'osoma Bayibuli oba ng'owuliriza okubuulira? Wali owuliddeko Omwoyo Omutukuvu ng'akusingisa omusango oluvannyuma lw'okuddamu okugezesebwa oba omuntu mu ngeri ey'ekibi?

Katonda akumanyi bulungi era amanyi ebitundu mu bulamu bwo tamaliriza kukyusa. Naye okulaba enkyukakyuka, olina okukkiriza enkola ze ez'enkyukakyuka. Nga bw'abikkula obutonde bwo obw'ekibi ng'ayita mu bikozezebwa bye eby'okukyusa, olina okwatula ekibi kyo gy'ali, okusaba okusonyiyibwa kwe, n'okunoonya okusonyiyibwa okuva eri abo b'oyinza okuba nga wayoonona. Kino kye kitegeeza okukolagana n'okukangavvula kwa Katonda era y'engeri yokka gy'oyinza okulaba enkyukakyuka n'okukula mu by'omwoyo Katonda by'ayagala. Kya kwetabamu ennyo.

Kiki ky'oyiga okuva mu 1 Yokaana 2:6 ne Abeefeso 5:1–7?

---



---



---

Waliwo ebitundu mu bulamu bwo (ebirowoozo, ebighambo, oba ebikolwa) ebitafaanana Kristo? Nga obutaba na kufaanagana kwo kwa Kristo bwe kweyolekera okuyita mu bikozezebwa bya Katonda eby'enkyukakyuka, olina okubitta n'obunyiikivu ng'oyita mu kwenenya, okusaba, okusoma Ekigambo, n'okunoonya obuvunaanyizibwa.

Kiki ky'oyiga okuva mu Abaruumi 12:1–2 ne Abeefeso 5:17?

---



---



---

Omanyi okwagala kwa Katonda kye kuli mu bintu byonna eby'obulamu bwo (enkolagana yo naye, munno, abaana bo, ab'omu maka go n'emikwano gyo, eby'ensimbi byo, n'abalala)? Nga obutamanya bwo bubikkulwa, olina okunoonya n'obunyiikivu okumanya kw'okwagala kwe okulungi era okutuukiridde mu bitundu byonna eby'obulamu bwo ng'oyita mu kwenenya, okusaba, okusoma Ekigambo, n'okunoonya omuyigirizwa akuyamba.

Kiki ky'oyiga okuva mu Abaruumi 6:1–4, Yakobo 1:22–25, ne 1 Peetero 1:13–16?

---

Ofunye mukwewayo eri obuyinza bwa Katonda, oba okozesa neyiisa etali yabwa katonda n'obujemu? Otadawo ko kubukwakurizo obubwo mukwagala nobutagala bwonogondera? Nga edembe lyo okuva eri katonda bwelyolesedwa okuyita mubintu byakozesa okukyusa, oliina okwewayo mubujuvu eri obuyinza bwe mukuyita mukwenenya ate omusabe nobwetowaze, n'amanyi okubeera omubulum obwo buwurize. Nokunonya embala nakyo kiyambako.

Soma 2petero 1:5-9 ate mubufunze nyonyola kyoyize.

---

---

Okukyuka kwo kugya kutwala obude, naye katonda mulungi, mugumikiriza, ate taata omwesigwa. Okumala omurimu gwe gwe yatandiika mu gwe Wabula, gwe bwotakyuka eri okugunjulwa kwa katonda, awo oba osaba kukangavulwa.

<i>Okukangavula</i>	—Okubonereza
oba	okubonyaabonya
n'obukambwe;	okukangavula
olw'ebibi	oba ensobi
n'ekigendererwa	eky'okutereza.

Soma Abebbulaniya 12:6. Lwaki Katonda akangavvula n'okubonyabonya abaana be?

---

---

Katonda akwagala awatali bukwakkulizo era ayagala okukuwa omukisa ogusukkiridde. Naye bw'oba toyagala kufuna kukangavvulwa kwe, tojja kufuna ssanyu na mirembe gy'ayagala okukuwa. Mu kifo ky'ekyo, ojja kufuna ekiwuubaalo, okutya, obutali bumativu, obutatuukiriza, n'okubusabuusa. Obulamu bwo bujja kubulwa ebibala by'omwoyo era butandike okubala ebibala by'omubiri.

Soma Abaggalatiya 5:19–21 era owandiike ebimu ku bibala by'omubiri ebikusingako.

---

---

Bwetuyita mu kukangavulwa kwa Katonda, kya butonde ffe okunenya abantu abalala oba embeera zaffe enzibu olw'obulumu. Bulimba bwe tukkiriza nti buva eri Sitaani oba wadde ffe kennyini tusobole okwewala okutwala obuvunaanyizibwa obw'obuntu olw'obujeemu bwaffe okugondera okukangavvulwa kwa Katonda. Tekireetera Katonda ssanyu okukangavvula

abaana be, naye bwe tuba beesimbu, tusobola okukkiriza nti oluusi twetaaga obulumi obupimiddwa okutukubiriza okwewaayo. Budaabudibwa nti Kitaawo ow’omu ggulu akwagala ekimala okukukwatako n’okumaliriza omulimu gw’atandise mu ggwe.

**Ekyokuyiga 4—Ebisuubizo By’okufaayo Kwa Katonda**

Kitaffe ow’omu ggulu mwetegefu okwetikka obuvunaanyizibwa obujjuvu obw’obulamu obuweereddwayo bwonna era obwewaddeyo gy’ali. Twetooloddwa okulabirira kwe okutunula.

Zabbuli 91:4. Waggulu waffe waliwo \_\_\_\_\_ bye

Ekyamateeka 33:27. Wansi waffe waliwo \_\_\_\_\_ bye

Zabbuli 34:7. Twetooloddwa \_\_\_\_\_.

Abafiripi 4:6–7. Emitima gyaffe n’ebirowoozo byaffe bikuumibwa \_\_\_\_\_.

Okwagala n’okufaayo kwe tufuna okuva eri Kitaffe ow’omu ggulu byeyolekera mu bisuubizo bye eby’okutuwa okubeerawo kwe, enteekateeka ye, n’obukuumi bwe.

**Ekisuubizo Ky’okubeerawo Kwa Katonda**

Mu bufunze wandiika by’oyiga ku kubeera okumpi kwa Katonda buli kiseera.

Zabbuli 23:4

---

---

---

Zabbuli 121:1–5

---

---

---

Zabbuli 139:7–10

---

---

---

Abebbulaniya 13:5–6



Ng'abaana ba Katonda, tetubeera ffekka. Kitaffe buli kiseera atunula era bulijjo ali kumpi.

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Mu kulabirirwa kwe okw'ekisa, Kitaffe ow'omu ggulu abeera naffe bulijjo.

**Ekisuubizo ky'Obugabirizi bwa Katonda**

Ennyiriri zino wammanga zikuyigiriza ki ku kwesiga Katonda ng'omugabiriziwo?

Matayo 6:25–26

---

---

---

Abaruumi 8:32

---

---

---

Abafiripi 4:19

---

---

---

Soma Matayo 7:7-11, okusinzira ku lunyiriri 11, birabo kikaki kitaffe bya'awa abamusaba?

---

---

---

Katonda awa abaana be ebirabo ebirungi byokka. Olw'okwagala kwe n'amagezi ge, atera okuziyiza bye tusaba ate mu kifo ky'ekyo n'atuwa by'amanyi nti byetwetaga. Gino mikisa gya kwesiga bulungi bwe n'amagezi ge, ne bwe tuba nga tetutegeera makubo ge.

Soma Matayo 6:24–34. Katonda bw'aba alabirira ebinyonyi eby'omu bbanga n'omuuddo ogw'omu ttale, olwo tulina okukkiriza nti ddala ajja kulabirira abaana be abaagalwa. Tulagirwa obuterallirira ku bintu bino eby'akaseera obuseera. Mu lunyiriri 32, tuyiga nti ebyo byeraliikiriza ab'amawanga, ekitegeeza abo abatamanyi Katonda.

Biki ebikweraliikiriza, oba ebyokufaako mu kiseera kino, bwe bibaawo?

---

---

---

Okusenziira ku Matayo 6:33, ddagala ki ery'okweraliikirira?

---

---

---

Tulina okunoonya Katonda n'okufuula enkolagana yaffe ey'obuntu naye ekintu ekisooka. Nga tukulaakulanya omuze gw'okumuwa buli kimu n'okumwesiga mu bintu byonna, ajja kutusobozesa okuvvuunuka omuze ogw'ekibi ogw'okweraliikirira.

**Ekisuubizo ky'Obukuumi bwa Katonda**

**OMUSINGI GWA MAZIMA**  
Mu kulabirirwa kwe okw'ekisa, Kitaffe ow'omu ggulu ajja kutuukiriza ebyetaago byaffe byonna.

Bayibuli erimu ebiragiro 365 ebitugaana okutya. Ng'abaana ba Katonda Omuyinza w'Ebintu Byonna, tusobola okuwummulako mu ye. Kiki ky'oyiga ku bukuumi bwa Katonda okuva mu Byawandiikibwa bino wammanga?

Isaaya 54:17

---

---

---

Zabbuli 91:1-12

---

---

---

Zabbuli 121:5-8

---

---

---

**OMUSINGI GWA MAZIMA**  
Mu kulabirira kwe okw'ekisa, Kitaffe ow'omu ggulu atukuuma.

Kitaffe ow'omu ggulu akola kyonna ekisoboka mu Kigambo kye okutukakasa nti atukangavvula, atukuuma, n'okutuwa ebintu. Tulina okwanukula mu kukkiriza, nga tukwasa obulamu bwaffe n'ebitweraliikiriza byonna mu kukuumibwa

kwe. Nga ekitiibwa kya Katonda, amaanyi ge, n'obufuzi bwe byolesebwa mu bitonde bye, obuziba bw'embaala ye ez'obwakatonda bulagibwa mu bwataata bwe. Okwagala kwa Katonda, obugumiikiriza, ekisa, okusaasira, n'obulungi byeyolekera mu nkolagana ye naffe, abaana be.

Kiki ky'oyiga ku mbaala ya Katonda okuva mu nnyiriri zino wammanga?

1 Yokana 3:1

---

---

---

2 Petero 3:9

---

---

---

Abaefeso 1:3–6

---

---

---

2 Abakkolinso 1:3–4

---

---

---

Nga abaana ba katonda abalonde, tufuuka abasiika eri byona ebibye, kiki eririre zino wamanga kyezogera kubugaga bwa Katonda n obusika bwafe?

Zabbuli 50:10–12

---

---

---

Haggai 2:8

---

---

---

Soma 1 Peetero 1:3–4. Obusika bwaffe buli ludda wa?

---

---

---

Eky'okuba nti oli mwana wa Katonda yakuzibwa kyandibadde kikwata kitya ku ngeri gy'ewelabamu?

---

---

---

Nsubira nti Essuula eno eyambye okwongera okutegeera Katonda nga Kitaawo ow'omu ggulu. Essuula eddako essira erisinga ejja kulissa ku kirabo ekirala okuva eri Katonda, ekiterekeddwa ennyo kulw'abo abenanya ne bafuna Kristo Yesu ng'Omulokozi—Omwoyo Omutukuvu.

## Essuula 3: Omwoyo Mutukuvu

Katonda awadde buli muntu ekirabo eky'okwesalirawo. Omuntu asobola okumugoberera n'akola ebirungi oba okumugaana n'akola ebibi. Buli ekilondebwa kibala ebibala, ka kibeere birungi oba bibi. Abakkiriza n'abatali bakkiriza bonna balaba ebiva mu kusalawo kwabwe n'okusalawo kw'abo ababeetoolodde. Si kizibu kukkiriza ebiva mu kusalawo kwaffe okubi, naye ate bwe tufuna okubonaabona olw'okusalawo okubi kw'omuntu omulala? Oba ofuna okubonaabona kwotamanyi gyekuvudde?

Singa Katonda yeegayirira n'akomya obusobozi bw'omuntu okulonda ebibi, olwo eddembe ly'okwesalirawo teryandibaddewo. Mu ngeri y'emu, singa Katonda yakuuma abo abamukkirizaamu okuva ku bubu, n'akkiriza ebirungi byokka okutuuka ku bulamu bwabwe, olwo abatakkiriza bandibadde bakubirizibwa okudda gy'ali olw'ensonga emu yokka eyo okufuna o'bulamu obutaliimu bulumi. Eyo y'ensonga lwaki wakyukira gy'ali? Obadde osuubira nti Katonda ajja kukuwa obulamu obwangu n'okukukuuma okuva ku bibi byonna?

### **Okubonaabona kw'Omuntu**

Omusajja ayitibwa Yobu mu Bayibuli yalina obulamu obulungi. Yalina omukyala, abaana, ne bizinensi ennungi ng'erina abakozi bangi.

Soma Yobu 1:8. Katonda yali amulaba atya?

---



---



---

Soma Yobu 1:9–11. Kiki Sitaani kye yagamba Katonda ku bikwata ku Yobu?

---



---

---

Katonda yaddamu atya mu lunyiriri 12?

---

---

Katonda yakkiriza Sitaani okuleeta obubi ku Yobu ng'ayita mu kufiirwa ebintu bye byonna, okufa kw'abakozi be n'abaana be, n'oluvannyuma n'akendeeza obulamu bwe. Yobu yali tategeera nsonga lwaki Katonda yali amukkiriza okubonaabona ennyo. Anti yatya Mukama era n'abeera mu butuukirivu. Mazima ddala, yali talina ky'akoze ekisaanira okubonaabona ng'okwo.

Kiki Yobu kye yasaba Katonda mu Yobu 7:20?

---

---

---

Nga bwe tulaba mu ssuula eziwera, Yobu yabonaabona olw'ekibuuzo, Lwaki? Yakaabira Katonda era n'anoonya amagezi okuva mu mikwano gye. Katonda yasirika okumala ekiseera naye okukkakkana ng'azzeemu.

Katonda yayogera ki mu Yobu 38:1–3?

---

---

---

Katonda teyaddamu kibuuzo kya Yobu. Mu kifo ky'ekyo, yabuuza ebibuuzo okulung'amyamba Yobu ku maanyi ge n'ekitiibwa kye ebyolesebwa mu butonda kwe. Ebibuuzo bya Katonda byaggya Yobu okussa essira ku ye n'embeera ze era ne bimuwa endowooza esingawo ku bufuzi bwa Katonda.

Yobu yaddamu atya mu Yobu 40:3–5 ne 42:1–6?

---

---

---

Kiba kya butonde okunoonya ennyonyola ku kubonaabona kwaffe. Naffe, tukaabira Katonda nga Yobu nga tubuuza lwaki. Naye ekimu ku bintu bingi bye tuyigira ku Yobu kwe kuba nti *lwaki* kye kibuuzo ekikyamu. Mu kifo ky'ekyo tusaanidde okubuuza Katonda nti, *Kiki ky'ogezaako okunjigiriza? Kiki ky'oyagala gyendi mu kiseera kino eky'okubonaabona?*

Katonda ye Kitaffe omwagazi ataleeta ubi mu bulamu bwaffe. Kyokka, atukkiriza okukwatibwako obubi olw'ekigendererwa kye n'olw'obulungi bwaffe obw'enkomerero. Saba Katonda akuwe okukkiriza okumwesiga. Ajja kuddamu essaala yo.

**Essomo 2—Okugezesebwa n'Okubonaabona**

Soma Yokaana 16:33. Kiki Yesu kye yayigiriza abagoberezi be ku bikwata ku kugezesebwa n'ebibonyoobonyo?

---

---

---

Tusuubizibwa ebizibu n'obulumi. Tewali kye tuyinza kukola kwewala bibonyoobonyo, naye tuvunaanyizibwa ku ngeri gye tubikwatamu.

*Okubonaabona—Okunakuwala oba okubonaabona okuva mu kunyigirizibwa, okuyigganyizibwa, okubonaabona; okuwozesebwa.*

Soma Malaki 3:3. Katonda akola ki ng'ayita mu kugezesebwa kwaffe?

---

---

---

Tusobola okukkiriza obulumi bwaffe okukakanyaza emitima gyaffe eri Katonda n'abalala oba okuwaayo embeera zaffe eri Katonda, ne tumukkiriza okulongoosa emitima gyaffe okuyita mu kugezesebwa. Okutukuza omutima kifaananako n'okulongoosa zaabu. Zaabu bw'abuguma n'omuliro, obucaafu bulinnya waggulu ne busobola okuggyibwamu. Katonda akkiriza buli omu ku ffe okugumira okubonaabona kale ne tulongoosebwa ne tukyusibwa ne tufuuka ekifaananyi kya Kristo.

1 Peetero 1:6–7 kyogera ki ku kugezesebwa kwaffe?

---

---

---

Gy'okoma okufuna ebigezo, gye tukoma okulongoosebwa. Okugezesebwa y'engeri yokka ey'okugezesa embeera y'emitima gyaffe. Zaabu ayinza okulabika ng'omulongoofu kungulu, naye ayinza okuba ng'ajjudde obucaafu ku musingi gwe ogutalabika. Ebigezo byaffe biraga ebyo ebisigadde mu buziba bw'emitima gyaffe. Singa twesiga Katonda mu nkola eno, obulamu bwaffe bujja kujjula okwagala, essuubi, n'obwesige bwa Yesu Kristo.

Wandiika Abaruumi 8:28–29.

---

---

---

---

---



---

Olunyiriri 28 lulaga bulungi nti “ebintu byonna bikolera wamu olw’obulungi.” Ekikulu kwe kukkiriza. Singa tusalawo okukkiriza ebisuubizo bya Katonda n’okumwesiga wakati mu kugezesebwa n’ebibonyoobonyo byaffe, tujja kuba bawanguzi, era Katonda ajja kugulumizibwa. Abo abalaba enneeeyisa yaffe nga tuyita mu kugezesebwa kwaffe basobola okulaba omulimu gwa Kristo mu bulamu bwaffe, era olw’amaanyi g’Omwoyo Omutukuvu, bayinza okulaba okweyoleka kwe mu ffe.

Yobu yasigala nga muweereza omwesigwa mu kiseera kye eky’okubonaabona ekyavaamu okwesiga okusingawo, okukkiriza okusingawo, n’okubeera n’omukwano ogw’amaanyi ne Katonda.

Soma Yobu 42:11–16. Katonda yawa atya Yobu okubudaabudibwa olw’okubonaabona kwe (olunyiriri 11)?

---



---



---

Obulamu bwa Yobu obusigaddewo bwali butya (ennyiriri 12–16)?

---



---



---

Yobu yagaana okunenya Katonda olw’okubonaabona kwe era n’amwesiga okuyita mu bulumi bwe. Obwesige Yobu bwe yalina mu Katonda teyaleka kifo kya busungu kutuula mu mutima gwe. Okukkiriza kwa Yobu kwamusobozesa okufuna okubudaabudibwa okuva eri Kitaawe ow’omu ggulu okuyitira mu b’omu maka ge ne mikwano gye. Era Katonda yasasula obwesigwa bwa Yobu n’empeera ya mirundi ebiri okusinga bwe yalina edda. Kino tekitegeeza nti okubonaabona kwonna kujja kuleetera abantu okufuna emikisa mingi egy’oku nsi. Okwawukana ku ekyo, ekintu kyokka ekikakasibwa mu bulamu buno bwe buzibu. Naye ne bwe kuba okubonaabona kutya, oba okugezesebwa kwe tufuna mu kiseera kino, tulina ekisuubizo ky’emirembe gyonna gye tulimala mu maaso ga Katonda nga tewajja kuddamu kubaawo maziga oba kubonaabona.

Soma 2 Abakkolinso 1:3–4 . Ebintu by’oyitamamu biyinza bitya okukozesebwa okuyamba abalala?

---



---



---

Waliwo ebiseera, Yesu bw’agamba, Katonda lw’atasobola kukuggyako kizikiza, wabula mwesige. Katonda ajja kulabika nga owo’mukwano atalina kisa, naye si

bwali; Ajja kulabika nga Kitaffe atali wa butonde, naye si bwali; Ajja kulabika ng'omulamuzi atali mwenkanya, naye si bwali. Kuuma endowooza y'ebirowooza bya Katonda emabega w'ebintu byonna nga ya maanyi era ng'ekula. Tewali kibaawo mu mbeera yonna entongole okuggyako nga okwagala kwa Katonda kuli emabega waakyo, n'olwekyo osobola okuwummulira mu kwesiga okutuukiridde mu ye.—Oswald Chambers

Katonda alina enteekateeka ey'olubeerera: ebulungi bijja kuwangula era obubi bwonna, okubonaabona, n'ennaku bijja kukoma. Tuyinza okusalawo okukuuma obusungu eri abo abatuleetedde obulumi, oba tuyinza okussa okukkiriza kwaffe mu Katonda omuyinza we'ebintu byona ne tusonyiwa okusobya n'okulemererwa kw'abalala.

Bwe wakkiriza Kristo ng'Omulozi era Mukama waffe, wateeka obwesige bwo mu ye olw'enkomerero yo ey'olubeerera. Era olina okumwesiga n'ebyo bye wayitamu emabega n'embeera z'olimu kati. Ye yekka asobola okukubudaabuda mu kugezesebwa kwo n'okukuyisaamu n'okukuwa amaanyi okwanukula mu butuukirivu. Ye yekka asobola okukola ebirungi mu bibi n'okuzzaawo omukwano ogumenyese. Okugondera ekigambo kya Katonda wakati mu kubonaabona kwo kijja kukuwa emirembe era kireete ettendo, ekitiibwa, n'ekitiibwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.

Soma 1 Peetero 1:3–7. Olunyiriri luno lukwata lutya ku mbeera gy'olimu?

---

---

---

### **OMUSINGI GWA MAZIMA**

Ekigambo	kya	Katonda
kitugamba	nti	ajja kukozeza
ebigezo		byaffe
n'ebibonyoobonyo		byaffe
okutufuula	ekifaananyi	kye
n'okututeekateeka		
okubudaabuda	abalala	abayita
mu mbera	bwe'zityo.	

### Essomo 3— Lwaki Osonyiwa?

Bwe nawulira Mukama ng’awandiika ku mutima gwange nti ayagala nsonyiwa taata, amangu ago ne nkiziyiza. Nnamegganyizibwa ne Katonda okumala wiiki eziwera nga saagala kuleka busungu bwange. Lwaki nandimusonyiye? Tanneetonderangako. Agwanidde okusonyiyibwa kwange?

Ebbanja bwe lisonyiya, eddembe ly’okusasulwa liweebwayo. Singa nsonyiwa omuntu eyansobya, mpaayo eddembe okweyongera mubusungu n’okunyiiga. Era mpaayo eddembe elinoonya okwesasuza. Mpaayo amaanyi gange ne ngumira okufiirwa nze kennyini. Okusonyiwa okwa nnamaddala tekusaanidde, tekukolerwa, era kwa bwereere. Si kya bwenkanya. Kale lwaki osonyiwa?

*Okusonyiwa*—Okuwanika, okulekulira, okulekera awo okuwulira obusungu olw’ekikyamu ekikoleddwa, okusonyiwa.

Katonda alagira okusonyiwa. Kiki Yesu kye yayogera mu Lukka 6:35–37?

---



---

Biki ebiraga abantu ba Katonda abalonde mu Abakkolosaayi 3:12–13?

---



---



---

Okugondera Kitaffe ow’omu ggulu si kya kwesalirawo. Singa tulonda ebiragiro bya Katonda bye tulina okugondera nga tusinziira ku kwegomba kwaffe, tujja kubeera mu bulamu obutabala bibala, obutakola bulungi, era obugumba mu by’omwoyo.

Abo abasonyiwa balaga ekifaananyi kya Kristo. Kiki Yesu kye yasaba mu Lukka 23:34?

---



---



---

Ng’Abakristaayo, tulina enkizo n’okuyitibwa okutwala erinnya lya Kristo eri ababuze. Ekigambo Omukristaayo kitegeeza “Kristo omuto.” Tulina okuba abeetegefu okutambula nga bwe yatambula. Kristo yajja ku nsi eno okuleeta okusonyiyibwa eri abazzizza omusango, ng’alaga ekikolwa ekisembayo eky’okusonyiwa ku musaalaba. Yalagira ekanisa okugenda mu maaso n’okulangirira okusonyiwa eri ensi. Bwe tuba ab’okuyitibwa erinnya lye, tulina okusonyiwa abo abatunyiiza. Kigendererwa ki eky’okusonyiwa?

**Okusonyiwa Kukomya Okunenya abalala N’okulumizibwa.**

Singa tuba ba mazima gye tuli, twandikkirizza nti kiruma nnyo okunenya omuntu omulala buli kiseera olw'okusobya kwe. Mu butufu, kiyinza okuba nga kiruma nnyo okusinga omusango gwennyini. Era kiruma oyo asobya naddala nga baagala okutereeza. Okusonyiwa kiyinza okuba ekizibu kubanga tekigonjoola bibuuzo byonna eby'okunenya n'obwenkanya; ekyewuunyisa, ebibuuzo ng'ebyo bifuuka ebitali bikulu ng'okusonyiwa kumaze okuwebwa. Okusonyiwa kuwa ekkubo ery'okuva mu butakkaanya era kisobozesa omukwano okutandika obuggya.

Obulamu bwa Yusufu, obwawandiikibwa mu Olubereberye 37–45, buwa eky'okulabirako okilungi okw'amaanyi g'okusonyiwa. Bw'oba tonnasoma mbooji ya Yusufu, nkuwa amagezi okugisoma. Yusufu yategeerwa bubu, yayisibwa bubu, yalibwaamu olukwe, yasulibwa, era yatuuka n'okutundibwa mu buddu baganda be bennyini. Nga tafuddeeyo ku buli kimu kye yagumira, yagaana okukkiriza ekikolo ky'obusungu okukwata obulamu bwe. Nga wabulayo akaseera katono okuddamu okukwatagana ne baganda be, oluvannyuma lw'emyaka mingi nga baawukanye, yawa obujulizi ku mulimu gw'okuwonya Katonda gwe yali akoze mu bulamu bwe ng'atuuma omwana we eyasooka erinnya Manase ne mutabani we owookubiri Efulayimu.

Soma Olubereberye 41:51–52. Amannya gano abiri gategeeza ki?

---

---

---

*Okwerabira*, mu ngeri eno, tekitegeeza kulekera awo kujjukira, wabula okutta—okulekera awo okikiriza okujjukira kw'ebintu ebirumya okufuga obulamu bwo obw'akaseera kano. Yusufu yagumira embeera ez'entiisa olw'abaganda be. Mu kifo ky'okubuguma mu busungu gye bali, yakkiriza Katonda okuwonya omutima gwe omumenyefu mu myaka emiwanvu gye yamala yekka mu Misiri. Okubala ebibala kwa Yusufu kwalina akakwate butereevu n'okwerabira kwe. Yasalawo okwesigisa Katonda enneewulira ze, n'ebyo bye yayitamu. Bwe yaweebwa omukisa, yawa baganda be okwagala, okusonyiwa, n'ekisa.

Soma Olubereberye 45:5–8. Yusufu yagamba ki baganda be?

---

---

---

Soma Olubereberye 45:15. Kiki Yusufu kye yakola?

---

---

---

Yusufu teyabanenya wadde okusaba okunnyonnyolwa; yabawa busaasizi n’okusonyiwa. Okusonyiwa kwaggulawo ekkubo Yusufu ne baganda be okuddamu okukwatagana ne batandika omukwano omupya.

**Okusonyiwa kuggyawo omugugu gw’okwesalira omusango mu oyo asobya.**

Soma Olubereberye 50:15. Baganda ba Yusufu baali batya ki?

---

---

---

Yusufu yaddamu atya mu Olubereberye 50:19–21?

---

---

---

Ab’oluganda bandibadde batwala ennaku yaabwe n’omusango gwabwe ne babitwala mu ntaana zaabwe, naye Yusufu yabasonyiwa. Olw’okusonyiwa kwe ba takolerera era kwe baali tebasanira, kwaggyawo omusango gwabwe era ne bazzaawo enkolagana yaabwe. Kino kiwulikika nga kyomanyi?

**OMUSINGI GWA MAZIMA**  
Katonda alagira buli muntu okusonyiwa. Abo abamugondera beetikka ekifaananyi ky’Omwana we era ne bakkiriza okuwona n’okutabagana okutandika.

Ekibi bwe kyayingira mu nsi, twasalirwa okubeera mu musango gwaffe n’okuswala emirembe gyonna. Naye Katonda yagolola omukono gwe mu kusonyiwa ng’atuma Kristo okuggyawo omusango gwaffe n’okuzzaawo enkolagana yaffe naye. Osaana okusonyiyibwa kwe wafuna okuyita mu Kristo?

### Essomo 4—Ebisale By'obutasonyiwa

Wadde ng'okusonyiwa kwa bwereere, eky'okukola ekirala kijja kutwalira bingi. Okugaana okusonyiwa kwe kusalawo okukuuma eddembe ly'okusaba okusasulwa olw'ebikyamu ebikoleddwa. Obutayagala kusonyiwa kivaamu okukaawa n'okunyiiga.

Obusungu bunywerera ku by'emabega, ne bubiddamu emirundi n'emirundi. Okufaananako n'okulonda ekikuta, okunyiiga kugaana ebiwundu okuwona. Obukaawu butwa obukwata buli muntu gwe busanga. Bwe wabaawo obukaawu mu mutima gwo, bukosezza era bujja kusigala nga bukosa buli mukwano gw'olina. Eddagala lyokka eriwonya kwe kusonyiwa.

Abaebbulaniya 12:15 byogera ki ku bukaawu?

---

---

---

---

---

Obukaawu busimba emirandira mu mutima ne bukula ne buvaamu ebibala ebikaawa ebireeta emitawaana, ebyonoona enkolagana, n'okulemesa okukula kw'ebibala ebirungi Katonda by'ayagala okuvaamu mu bulamu bwaffe.

Soma Abeefeso 4:31. Bujulizi ki obuli mu mutima gw'omuntu eyeekwata ku busungu?

---

---

---

### Ekibala Ky'obutasonyiwa

Waliwo ku ngeri zino wammanga ezirabika mu bulamu bwo? Teeka akabonero okumpi n'ebyo by'omanyi.

*Obukaawu*—Embeera y'okuvumibwa ennyo; emanyiddwa olw'obulabe oba obukambwe .

*Obukyaayi*—Embeera y'okuwulira enneewulira, okuwulira obutasanyuka mu busungu olw'ekintu ekitwalibwa ng'ekikyamu, okuvuma, oba ekintu ekiringa ekyo, emirundi mingi nga kitabulwamu obulabe, obukyayi.

*Ekiruyi*—Obusungu obw'amaanyi; obusungu obw'amaanyi era obumalirivu; emirundi mingi obusungu obunyiiga, obusungu.

*Obusungu*— Okunyiiga; obwagazi obw'amaanyi oba enneewulira ey'obutasanyuka.

*Okwogera ebibi*— Okwogera obubi, Okwogera okulumya, okwonooneka, okunyiiza, okutasanyusa; okuvaamu akatyabaga, ennaku, okunyigirizibwa.

*Obubi*—Okukola obubi; embeera y'ebirowoozo eraga ekigendererwa eky'okukola ekikolwa ekimenya amateeka; obulabe.

- Amalala
- Okwefuula omutuukirivu
- Okwesaasira
- Obutabeera mu ntebenkevu mu nneewulira
- Okweraliikirira, okusika omuguwa, n’okunyigirizibwa
- Ebizibu by’ebyobulamu
- Obuzibu mu kulya
- Obutabeera na bwesige mu mukwano
- Obutabeera na mukwano mu bufumbo
- Obutakola bulungi mu by’okwegatta
- Okusala omusango n’okunenya abalala
- Ultra-sensitive ate nga kyangu okunyiiga
- Obutabeera na mirembe na ssanyu
- Okutabagana okumenyese ne Yesu

<b>OMUSINGI GWA MAZIMA</b>	
Obutasonyiwa	kiviirako
obukaawu, kwonoona enkolagana	
endala, era kutawaanya omutima	
gw’omuntu.	

Yesu yabuulira abayigirizwa be olugero olukwata ku biyinza okuddirira abo abagaana okusonyiwa. Soma Matayo 18:21–35.

Mukama we yali alowooza ki eri omuweereza we mu lunyiriri 27?

---

---

---

Omuweereza yayisa atya muweereza munne mu lunyiriri 28?

---

---

---

Okusinziira ku lunyiriri 34, mukama oyo yaddamu atya omuweereza we bwe yali tayagala kusonyiwa?

---

---

---

Kiki Yesu kye yalabula mu lunyiriri 35?

---

---

---

Lowooza ku musaalaba n'okusonyiyibwa n'obulokozi bwe tufunye okuva eri Kristo. Tuyinza tutya okufuna okusonyiyibwa kwe ate nga tugaana okusonyiwa abalala?

Olugero luno teruyigiriza nti omwana wa Katonda eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri ajja kufuna okuzikirizibwa okw'olubeerera singa aba tayagala kusonyiwa; kyokka, kiyigiriza nti bajja kusibibwa olw'obutasonyiwa kwabwe—nga besibidde mu kuddamu okulaba obulumi obwayita. Kisoboka okuteebwa okuva mu bulumi bwetweretedde ffekka n'abantu abalala bwebatutusako? Tulina okubeera tutya mu kukwatagana n'abalala mu nsi ejjudde ekibi n'okumenyeka?



### **Essomo 5— Engeri Gy'okwataganamu Ne Munno Yagala Munno**

Bayibuli etuwa ebiragirow ebitegeerekeka obulungi ku ngeri gye tulina okukwataganamu.

Soma Matayo 22:37–40. Okusenziira ku Yesu, ebiragirow ki ebibiri ebisinga obukulu?

---



---



---

Yesu yennyini yagamba nti okwagala kwaffe eri abalala kukulu kyenkanyi n'okwagala kwaffe gy'ali. Kiki ekikwanguwira? Weewaawo ekibuuzo ekyo si kya kudamu. Okwagala omuntu asooka okukwagala mu bujjuvu era awatali bukwakkulizo, okutuuka n'okuwaayo obulamu bwe mu kifo kyo, si kizibu. Naye okwagala abantu abakusobya buli kiseera, abagala n'obukwakkulizo era obutatuukiridde, era abakuleetedde obulumi mu butagenderera oba mu bugenderevu? Ekyo kyangu?

Funza 1 Yokaana 4:19–21.

---



---



---

Ensonga esooka gye tuyiga eri nti okwagala kwaffe eri Katonda kwe kuddamu okwagala kwe gye tuli. Ensonga eyokubiri eri nti okwagala Katonda kizingiramu okwagala abalala. Tosobola kwewozaako nti oyagala Katonda nga toyagala na bantu be yatadde mu bulamu bwo.

Soma Abaruumi 13:8–10. Kiki ekisinga okukwatako mu nnyiriri zino?

---



---



---

Ng'Omukristaayo, muliraanwa wo akubaanja okwagala. Ekyo wali okilowoozezzaako? Tokyalina bbanja lya bibi byo kubanga Kristo yasasula ebbanja eryo ku musaalaba. Naye bw'ofuna obulokozi bwe, otwala ebbanja ly'okwagala munno. Oyinza okuba ng'olowooza nti, Mazima muliraanwa wange tekitegeza muntu ono oba omuntu oyo. Anti laba kye bankoze!

Funza Matayo 5:43–48.

---



---



---

Ani gw'oyinza Okkuma omukwano gwo? Eky'okuddamu kiri nti tewali muntu yenna. Olina ebbanja okwagala buli muntu. Lwaaki?

Wandiika 1 Abakkolinso 6:20 wansi.

---

---

---

Olina okugulumiza n'okwolesa Kristo eri buli muntu nga tewali gwolekayo. Ebirowoozo oba enneeeyisa ezisigaddewo eri abalala ezitali za kwagala oba ezitali za Kristo toziwolereza era zeetaaga okwenenya eri Katonda n'omuntu oyo.

Kiki Yesu kye yayigiriza mu Matayo 5:23–24?

---

---

---

Tugenda ddi ku kyoto? Kino kitegeeza okussa ekimu kwaffe ne Yesu — ebiseera byaffe mu kusaba n'okusinza n'ebikolwa byonna eby'obuweereza ebikolebwa mu linnya lye. Yesu yayigiriza engeri enkolagana yaffe n'abalala gy'eri enkulu gy'ali. Si kintu ky'atwala ng'ekitono, era naffe tetusaanidde kukisussa maaso. Bwe wabaawo omuntu yenna gw'ewetaaga okusonyiwiwa, oba omuntu yenna gw'olina okusonyiwa, Yesu aba akulagira okutabagana naye mu kiseera kino kyennyini.

## **Okutabagana**

Omutima gwa Katonda gwagala okuzzaawo byonna ebyamenyeka okuva ku kugwa kw'abantu. Y'ensonga lwaki Kristo yajja ku nsi eno—okussawo olutindo oluziba ekituli wakati wa Katonda n'ebitonde ekyava ku kibi. Okuyita mu Kristo, enkolagana wakati wa Katonda n'abantu eddawo.

Enkolagana ey'okutabagana ne Katonda kye kirabo ekisinga obunene kye tujja okufuna era kwe kuyayana okisingayo okw'omutima gwa Katonda, naye okuzzaawo kuno ye ntandikwa. Soma Abeefeso 4:31–32. Kiki Katonda ky'ayagala mu nkolagana yaffe n'abalala?

---

---

---

Okutabagana—Okuzzaawo mu mukwano, emirembe, oba okusiimibwa nate; okuzzaawo mu nkolagana; okuddamu okufuna; okuzzaawo okussa ekimu.
---

Abakristaayo bangi balina obusungu, obukyayi, oba obutasonyiwa eri omuntu. Kyangu okumatizibwa n'okulaba nti enneeewulira zino zivva mu nneeewulira eri obulumi bwe baafuna. Oboolyawo omuntu eyabalumya tabonaabona kimala olw'ebyo bye baakola oba nga

tatwalanga buvunaanyizibwa bumala ku nneeyisa ye. Bayinza okugezaako okulaga obutuufu bw'embeera yaabwe ey'ebukosefu n'okunoonya okusaasira okuva mu balala olw'ebizibu bye baagumira. Kino kyali ki kutuseeko?

Ekigero kye nsobola era kye nneetegese okusonyiwa abalala kiraga bulungi ekigero ky'okusonyiwa nze kennyini kye nnalaba Katonda Kitange.—Phillip Keller

Lowooza ku nkolagana mu bulamu bwo, obw'emabega n'obw'omu kiseera kino. Waliwo omuntu yenna gw'ototabagana naye? Omuntu yenna gwe walumya oba okunyiiza? Omuntu yenna akulumizza oba akunyiizizza? Ani ajja mu birowoozo?

---

---

---

Bw'owulira nti mu mutima gwo mulimu obusungu, obukyayi oba obutasonyiwa, naye nga tokakasa nsibuko, wandiika ebirowoozo byo wansi.

---

---

---

Kikulu okukitegeera nti okusonyiwa n'okutabagana bintu bibiri eby'enjawulo. Okusonyiwa kuyinza okuweebwa omuntu yenna akuleetedde obulumu, naye okutabagana okw'obwakatonda kwa mukwano ogwaliwo emabegako ogwamenyese. Okutabagana n'abantu b'otomanyi oba abantu b'omanyi mu ngeri ey'akaseera obuseera tekikwetaagisa.

Waliwo n'enkolagana ezimu ezitabagana ezijja okwetaagisa ensalo ez'amagezi. Okusonyiwa n'okutabagana tebiwa munno ddembe kukuyisa mu ngeri etakussamu kitiibwa oba mu ngeri ey'obukambwe. Abantu abamu abakukoseza bayinza okweyongera okukuleetera obulumu mu nneewulira oba mu mubiri ng'omaze okubasonyiwa. Okuteekawo ensalo z'obulamu bwo mu nneewulira n'omubiri kyetaagisa nnyo. Okutabagana okuwangula kujja kuwerekewako emirembe n'ekisa, naye okutabagana okutali kwa magezi kujja kwongera okulumya n'okutabangula. Bw'oba weetaaga, noonya okubuulirirwa okuva eri omusumba wo oba mukwano gwo Omukristaayo omukulu okuyamba okuteekawo ensalo ez'amagezi ku nkolagana yammwe ey'okutabagana.

## Essomo 6— Eddaala ly'Okusonyiwa Bw'oba Weetaaga Okusonyiyibwa

Saba Omwoyo Omutukuvu akubikkulire enkolagana yonna etatabagana mu bulamu bwo ebadde ekoseddwa ekibi kyo. Kijjukire nti mu kiseera kino oyinza obutamanya ngeri gy'olumya abalala. Singa Omwoyo Omutukuvu abikkula ekibi kyo mu nkolagana yo yonna—ey'emabega, ey'omu kiseera kino, oba mu kiseera ekimu mu maaso—olina okwetoowaza n'ogoberera emitendera gino.

### Eddaala 1: Yatula Ekibi Kyo Eri Katonda Era Omusabe Akusonyiwe.

Soma 1 Yokaana 1:9. Katonda addamu atya nga twatula ebibi byaffe gy'ali?

---

---

---

Soma Zabbuli 103:12. Kiki ky'akola n'ekibi kyaffe?

---

---

---

Twala akaseera kano okaabirire Katonda, ng'omusaba akusonyiwe ekibi kyo ky'omanyi. Olw'okukkiriza, kkiriza okusonyiyibwa kwa Katonda okujjuvu n'okutukuzibwa. Saba Omwoyo Omutukuvu ajjuze omutima gwo okwagala kwe era akuwe amaanyi n'okwagala okugondera omutendera oguddako.

### Eddaala 2: Mu bwetoowaze weetondera omuntu gw'okoze ekikyamu era omusabe akusonyiwe.

Ekimu ku bigambo ebisinga amaanyi mu lulimi Olungereza kiri nti "Nnali mukyamu. Nsaba onsonyiwe." Bw'oba osobola, nkukubiriza okwogera ebigambo bino maaso ku maaso. Kiyinza okuba ekizibu ennyo, naye ebiseera ebisinga kye kisinga obulungi. Wabula olw'ebyo ebyetaagisa okutuuka ku muntu, oyinza okwetaaga okubigabana ku ssimu oba mu buwandiike ng'oyita ku mu kutu gwona okw'empuliziganya ey'omulembe omutuufu. Tokiriza amalala go, ebikuwugula, oba ebikulemesa ebirala okulwawo ekikolwa kino eky'obuwulize.

#### OMUSINGI GWA MAZIMA

Ekigambo kya Katonda kitulagira okugenda eri omuntu yenna gwe twanyiiza era n'obwetoowaze ne tusaba okusonyiyibwa.

Okufuna obuwagizi obusingawo, saba mukwano gwo Omukristaayo eyeesigika asabe naawe era akuvunaanibwe okugoberera mu kutabagana n'abo be wasobya.

### Bw'oba Weetaaga Okusonyiwa

Saba Omwoyo Omutukuvu akulage omuntu yenna mu bulamu bwo gw'oyinza okuba ng'okyaterese obusungu gy'ali. Okukkiriza Katonda okuleeta okuwona mu mutima gwo, olina okwetoowaza n'ogoberera emitendera gino.

### **Eddaala 1: Saba Katonda okuwa amaanyi okusonyiwa n'obuwulize.**

Kiki ky'oyigira mu 1 Yokaana 5:14 ne Matayo 21:22?

---



---



---

Katonda asubiza nti bw'osaba "ekintu kyonna nga okwagala kwe bwe kuli" mu kukkiriza, olwo ojja kukifuna. Omutima ogw'okusonyiwa mpisa Katonda gy'ayagala okukuwa, naye olina okugisaba. Tekijja mu butonde era oluusi kijja kuba kizibu nnyo, naye Katonda ajja kuba mwesigwa mu kisuubizo kye okukuwa amaanyi ge weetaaga okumugondera.

### **Eddaala 2: Okusonyiwa kwo kusse mu bigambo.**

Ekgambo *sonyiwa* kikulwa, ekitegeeza nti kyetaagisa okukola. Si kwogera mu ngeri etakola, mu bigambo eby'ekyama. Kiteekwa okuweebwa omuntu yennyini, ng'okuwa ekirabo ekilabikako. Kilwoozeeko ng'okuwa omuntu ekkalaamu. Bwe njamba mu mutima gwange nti, Petero mmuwa ekkalaamu eno, naye mu mubuliwo Petero simuwa kkalaamu, olwo Petero mbeera Mmuwadde ekkalaamu? Kya lwatu nti si bwe kiri. Setaaga kulinda okutuusa nga mpulira nga njagala okuwa Petero ekkalaamu n'endyoka ngimmuwa. Era silina kulinda okutuusa lwe ndowooza nti agwanidde ekkalaamu nga okugimuwa. Ekituufu kiri nti Katonda alagidde nti Peetero mmuwe ekkalaamu. Kiri gyendi okusalawo okubeera mu buwulize obujjudde oba okugenda mu maaso n'okutereka obusungu, nga nesigaliriza nga.

Okusonyiwa si kintu kyangu okukola; n'olwekyo, tolina kugezaako kuyimirira wekka. Noonya obuwagizi n'obuvunaanyizibwa kwa mukwano gwo Omukristaayo akuze mu by'omwoyo okusobola okwewaayo n'obuwulize eri ekiragiro kya Katonda eky'okusonyiwa.

Okusonyiwa si nneewulira. . . Okusonyiwa kikulwa kya kwagala, era emmeme esobola okukola awatali kulwooza ku bbugumu ly'omutima.—Corrie ten Boom

### **Eddaala 3: Saba okusonyiyibwa olw'okutereka obusungu.**

Ekibi ekikutesseko tekikuwa ddembe obutasonyiwa. Okugaana okusonyiwa, okutereka obusungu n'obukyayi mu mutima gwo, kyenkanyi nakyo kibi era olina okukyenya olw'okutabagana okwa nnamaddala.

Mu mbeera ezimu, olw'okutambuza ebintu, sente z'entambula, obukuumi gy'oli, oba obusobozi bw'omuntu omulala okusirika ekiseera ekimala okukuleka okwogera ky'olina okwogera, ebbaluwa, email oba essimu biyinza okuba engeri ezisinga obulungi okumanyisa okusonyiwa kwo.

Ensonga zino zikuume mu biwoozo ng'oyogera oba ng'owuliziganya mu buwandiike:

1. Kino okikola olw'okugondera Kitaawo ow'omu ggulu akwagala era akufaako. Ayagala ove mu buddu n'okunyigirizibwa kw'obadde oyitamu olw'okulumwa n'obutasonyiwa mu mutima gwo.
2. Teweetaaga kwegezaamu buli kantu akakwata ku musango ogukukoleddwa. Bwe kiba nti kyali kibi kya lwatu, omuntu akusobya ayinza okuba ng'amanyi ebikwata ku nsonga eyo. Waliwo embeera nga eyakukosa ayinza obutamanya bulumi bwe yaleeta. Kino kitera okubaawo mu nkolagana wakati w'abazadde n'abaana baabwe. Ne mu mbeera zino, kikuume mu bufunze. Si kikulu Okuwa ennyinnyonyola mu bujjuvu ku buli nsonga lwaki weetaaga okusonyiwa.
3. Togezaako kuwaliriza balala kukiriza kusobya kwabwe. Katonda akuyise amugondere, so si kubeera munnamateeka avunaana, oba omulamuzi. Okuwona kwo kujja kuva eri Katonda olw'obuwulize bwo, so si kuva eri munno ayinza oba atayinza kutwala bwannannyini ku nsobi zaabwe.
4. Kikuume nga kimpi. Emirundi egisinga, olw'enneewulira eziri waggulu, kyangu okwogera by'otaategese ebiyinza okutyoboola ekigendererwa ky'olukiiko, ebbaluwa oba embooji.

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Ekigambo kya Katonda kiragira abakkiriza okusonyiwa n'obwetoowaze abalala ababanyiizizza oba ababasobya.

Omwoyo Omutukuvu bw'aba akubikkulidde omuntu gw'olina okunoonya okusonyiyibwa oba omuntu gw'olina okusonyiwa, kisse mu ntegeka mu lwatu kati era olage olunaku lw'onoobatuukirira. Noonya

obuvunaanyizibwa okukukwata ku kwewaayo kwo okugondera ebiragiro bya Katonda ku kusonyiwa n'okutabagana.

## **Essomo 7— Okukuuma Okwewaayo Kwo Okusonyiwa**

Ku mmwe abagondera ebiragiro bya Katonda ebikwata ku kusonyiwa n’okutabagana, kikulu okutegeera nti ekikolwa eky’okusonyiwa oba okunoonya okusonyiyibwa kiraga entandikwa y’ekintu ekiyya. Ffe tetuli kompyuta. Tewali ppress lya “zza buggya”, oba “simuula” ku birowoozo byaffe n’enneeyisa yaffe. Okukuuma obuwulize bwo kijja kwetaagisa okwefuga, obunyikivu, n’okwesiga Katonda n’Ekigambo kye mu bwetoowaze okusobola okweyongera mukukusibwa okuliwo mu mutima gwo.

### **Eri Abasonyiyibwa**

Okwetoowaza ekimala okukkiriza okulemererwa kwo mu maaso ga Katonda n’abo b’onyiiza oba b’okoze ekibi, bujulizi bulungi obw’amaanyi kumulimu gw’Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwo. Naye Katonda tannamaliriza naawe. Oyinza okuwulira ng’oyagala okuddamu ekisobyo kyo era n’osigala ng’olumya abalala. Awo olutalo lwo we lutandikira.

### **Eri Abasonyiwa**

Okwolesa omutima gwa Katonda ng’oleka obusungu n’obukawu bwo, n’osonyiwa ebisobyo by’abo abakusobeza, kireeta ekitiibwa eri Kitaffe ow’omu ggulu. Naye Katonda tannamaliriza naawe. Ojja kukemebwa okujjukira obulumi omumenyi w’amateeka bwe yaleeta. Obusungu bujja kugezaako okuddamu okusimba emirandira mu mutima gwo. Awo olutalo lwo we lutandikira.

Abantu b’olumya, oba abantu abakulumya, bayinza okweyongera okuba ekitundu kya bulijjo mu bulamu bwo. Era newankubadde Katonda afunye obuwanguzi obw’amaanyi mu ggwe, ekyo tekitegeera nti bakyuse. Bayinza okweyongera okukuwa obusungu n’obukawu, oba bayinza okweyongera okukulumya. Omubiri gwo gujja kwagala okweyisa mu ngeri y’emu ey’amalala n’okwefaako gwokka gye gumanyidde.

Naye kiki kye tulina okukola ku muntu waffe omukadde okusinziira ku Abeefeso 4:22–24?

---



---



---

Olina okulekera awo okwanukula abantu nga bwe wali okola era n’obunyiikivu “oyambale omuntu omupya” Katonda gw’akukyusa okufuuka. Ajja kuba mwesigwa okuvaamu ebibala bye mu bulamu bwo singa buli kiseera weewaayo gy’ali buli kaseera. Kijjukire nti obuwulize bwo si bwe kityo omuntu omulala ajja kukyuka. Obuwulize bwo kwe kuddamu enkyukakyuka Katonda gy’akola mu ggwe.

Wandiika Abafiripi 1:6.

---



---

Watya singa omuntu gwe nsonyiwa tayagala kutabaganya mukwano? Abaruumi 12:18 eyogera ki ku kitundu kyo mu kukuuma emirembe?

---

---

---

Ovunaanyizibwa ku kitundu kyo kyokka eky'okutabagana. Tosobola kuteeka kintu kyonna ky'osuubira oba ekyetaagisa ku muntu munno. Ka kibe nti balina ekifo ki, olina okugondera Katonda ng'osaba okusonyiibwa era ng'osonyiwa. Omuntu omulala bw'agaana okukusonyiwa, oba bw'atakkiriza nsobi ye gy'oli, Katonda ajja kukuwa omukisa olw'obuwulize bwo n'okuyiwa emirembe gye, ekisa kye, n'okusaasira kwe ku bulamu bwo. Ojja kuba okyafuna eddembe lye okuva mu buddu bwo awatali kulowooza ku muntu omulala bw'anaddamu.

Kozesa essaala eno okukulembera:

*Mukama Yesu, nsaba amaanyi okukwesiga mu mbeera zino. Nnyamba okujjukira nti kino nkikukolera. Situnuulira \_\_\_\_\_ ku lwe kintu kyonna wabula okuteeka obulamu bwange mu mikono gyo. Nsaba okutabagana ne \_\_\_\_\_, naye nkimanyi nti nsobola okukola ogwange gwokka. Nsabira \_\_\_\_\_ okwewaayo gy'oli olyoke ogulumizibwe. Nkwesiga ddala n'ebinavaamu. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina.*

Watya singa omuntu gwe nneetaaga okusonyiwa aba afudde? Nkyayinza okubasonyiwa?

Obukaawa mu mutima gw'omuntu buwangaala oluvannyuma lw'ekiseera ekiwanvu ng'ekintu eky'avako obukaawu kifudde. Okusonyiwa lye ddagala lyokka era bulijjo kyetaagisa okussa mu nkola. Emisingi gisigala gye gimu. Tandika n'okwatula obusungu ku mugenzi eri Mukama. Olwo mugambe Mukama nti toky'atereka nsobi zaabwe oba ebisobyo byabwe, era mu kifo ky'ekyo, obasonyiwe. Nkukubiriza oyogere okusonyiwa kwo mu bigambo era mu ddooboozi ery'omwanguka mu maaso ga mukwano gwo oba omusumba gwe weesiga.

Kozesa essaala eno wammanga okuyamba okukulambika mw'ekyo:

*Mukama Yesu, webale kufiira ku musalaba n'onsonyiwa ebibi byange byonna. Nzikiriziganya n'ekigambo kyo nti nteekwa okusonyiwa omuntu ono olw'obulumu bwe yandeetera. Nkusaba amaanyi okugondera n'okwogera ebigambo bino eby'okusonyiwa. Nsonyiwa \_\_\_\_\_ ku lw'o \_\_\_\_\_ (beera mulambulukufu). Nkusaba onzigyeko obusungu bwange era onsonyiwe olw'okunywerera ku bukaawu bunu okumala ebbanga eddene. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina*



## Ekirwoozo Kimu Ekisembayo

Bwe nnasalawo okugondera Mukama ne nsonyiwa kitange, ne mpa Katonda obusungu n'obukyayi bwe nnali nnina mu mutima gwange ku kitange, nnalaba mangu eddembe n'omukisa ogwaddirira.

### OMUSINGI GWA MAZIMA

Ekigambo kya Katonda kitugamba okweyongera okumugondera awatali kufaayo ku ngeri abalala gye beyisaamu oba gye bakola.

Katonda bw'atyo bw'ayagala mu bulamu bwo. Obusobozi bwo okusonyiwa abalala oba okunoonya okusonyiyibwa okuva mu balala bukwatagana butereevu n'okusonyiyibwa kwa Katonda kwe wafuna. Okwetegekera okusonyiwa n'okusonyiyibwa kitundu ku kiraga nti ddala

twenenyeza, tufunye okusonyiyibwa kwa Katonda, era ne tuwaayo obulamu bwaffe gy'ali. Omutima ogwewaddeyo eri Katonda teguyinza kuba mutima mukalu eri abalala. Weetoowaze mu maaso ga Katonda, ogondere ebiragiro bye ku kusonyiwa, era osumululwe okuva mu buddu bw'okwesalira omusango n'okunyiiga.

Omuntu asooka era emirundi mingi oyo yekka awonyezebwa ku lw'okusonyiyibwa ye muntu asonyiwa. . . . Bwe tusonyiwa mu mazima, tusumulula omusibe ate ne tukizuula nti omusibe gwe tusumulula ye ffe.—Lewis Smedes

Nsubira Essuula eno ebadde ekuyamba okufuna eddembe Katonda ly'ayagala okukuwa ng'oyita mu kusonyiwa n'okutabagana. Si kyangu, kubanga tulina omulabe afuba obutakoowa okutuziyiza okufuna n'okutamburila mu ddembe lye tulina mu Kristo. Essuula eddako essira esinga kulissa ku lutalo olutalabika olugenda mu maaso mu nsi ey'omwoyo era nga ejja kukulaga ebyokulwanyisa ebya Baibuli by'olina okulwanyisa Omulabe waffe.

## Essuula 6: Entalo z'Omwoyo

Nze ne batabani bange twateranga okuzannya omupiira gwa langi nga bakyali bato. Bw'oba tomanyi, omupiira gwa langi muzanyo mw'okozesa emmundu ey'empewo okukuba gw'ovuganya naye n'obupiira obutono obw'obuveera obujjudde langi. Bw'okubwa, oba ovuddeyo. Waliwo obukodyo bw'olutalo bungi bw'osobola okukozesa okuwangula abakuvuganya. Obumu ku bukodyo obusinga obulungi kwe kukuta—okusirika okwekweka emabega w'omuntu gw'ovuganya naye, nga tategedde, omwewuunyise. *Fwap!* Okufuna ebiwundu ebikubwa era nga tolina bukuumi butuufu kiyinza okuleka ekiwundu ekitono. Abo abasalawo okwambala esaati yokka batera okudda nga balina obukuumi bungi nnyo ku mupiira oguddako. Naye watya singa obulabe byali bungi okusinga ekiwundu ekitono? Wandyetegedde otya olutalo olwo?

Tubeera mu nsi ey'omubiri era kyangu okwemalira ku ebyo ebirabika. Ebitabo by'ebyafaayo bijjudde amawanga agalwana n'abalabe baago olw'ensonga eziwerako. Ku bwa ssekinomu, tulaba abalabe baffe nga bantu bannaffe nga ebigambo n'ebikolwa byabwe, mu ddaala ery'enjawulo, bye bireeta obulabe n'okuzikirizibwa. Ddereeva omulalu ku luguudo olunene, omuvvoozi asaasaanya olugambo n'obulimba, omufere, omubbi, omulis'amanyi, omutemu—abantu bano be balabe ab'omubiri be tusobola okulaba n'okukwatako. Naye waliwo Omulabe atalabika mu nsi ey'omwoyo ow'akabi ennyo okusinga ekintu kyonna ky'osobola okulaba, okukwatako, n'okuwulira, era Katonda ayagala obeere mwetegefu.

### Essomo 1—Omulabe Atalabika

Abeefeso 6:12 eraga ebitiisa ebisinga okuba eby'akabi bye tumeggana nabyo buli lunaku. Biki?

---

---

---

Ebigambo kya Katonda kiyigiriza nti abalabe baffe abatuufu si ba mubiri, wabula ba mwoyo. Ka kube nti okimanyi oba nedda, oli mu lutalo olw'eby'omwoyo olukukwatako. Ebyembi, tolina ddembe "kuvva" mu lutalo. Entalo tezirinda kwetaba kwo kyeyagalire. Oli, ekiseera kyonna, ku mwanjo mu lutalo. Osobola okuyimirira ng'onnywedde mu kitangaala ky'Ekigambo, n'ogondera Katonda okulwanyisa obulumbaganyi bw'Omulabe, oba okwewaayo eri ekizikiza n'olaba obulumi bw'okuwangulwa.

Kino kiwulikika nga kya katamba ekisukkiridde gy'oli? Nkitegera bwe kiba nga bwekiwulikika. Olutalo olutalabika n'Omulabe ow'omwoyo alwana okukutega mu kizikiza n'okuwuuba omutima gwo okudda mu bujeemu eri Katonda kirabika nga "ekintu ekitali kya mu nsi eno." Naye olutalo luno telwesigamye ku oba okkiririza mu kubeerawo kwalwo oba nedda. Mu butuufu, Omulabe yandibadde ayagala nnyo osigale nga tomanyi nti waali. Omuyiggo ogusinga obwangu gwegwo ogukkiriza nti tewali muyizzi. Naye olwanyisa otya omulabe gw'otosobola kulaba?

Omutendera ogusooka mu kwetegekera entalo zo eza buli lunaku kwe kutegeera obulungi ani era kiki ky'olwanyisa.

### **Ensibuko ya Sitaani**

Abantu abasinga bakitegeera nti sitaani akiikirira ebintu byonna ebibi. Atera okulagibwa mu ngeri ey'okusesa ng'akavubuka akamyufu akali ku kibegabega kyo nga kalina amayembe n'akapiira akagezaako okukusikiriza okukola ebintu ebibi. Ekituufu kiri nti mugezi nnyo era wa bulabe okusinga ekyo. Naye yava wa? Ffunza Abakkolosaayi 1:16 ne Nekkemiya 9:6.

---

---

---

---

---

---

Soma Olubereberye 1:31. Katonda yayogera ki ku bitonde bye?

---

---

---

Tewali kintu kyonna kiriwo mu nsi ey'omubiri ney'omwoyo Katonda kya ataatonda, era Ebyawandiikibwa biyigiriza nti Katonda buli kye yatonda yakitwala nga kirungi. Kino kitegeeza nti ne Sitaani yatondebwa Katonda munda mu nsi ey'omwoyo, era mu kusooka yatondebwa okuba omulungi. Yali mu ggye lya bamalayika eryali mu ggulu mu bwakabaka bwa Katonda. Kale kiki ekyaliwo? Soma Yuda 1:6 ne 2 Peetero 2:4. Ennyiriri zino byogera ki ku bamalayika?

---

---

---

Timoseewo asooka 3:1–7 eyogera ku mpisa ezirina okubeera mu muntu ayagala okubeera omulabirizi mu kkanisa. Kulabula ki okuweereddwa mu 1 Timoseewo 3:6?

---

---

---

Sitaani, eyasooka okuba omulungi, yasingibwa omusango olw'amalala ge. Kikirizibwa nti Sitaani bwe yali malayika, yayagala nnyo okufaanana Katonda, okwenkanankana oba

okusingawo mu buyinza n'okusinzibwa nga kabaka. Tekyewuunyisa nti naye yakema Kaawa mu lusuku Adeni ng'alina endowooza efaananako bwetyo mu Olubereberye 3:5 ng'agamba nti "ajja kuba nga Katonda."

Kiki Sitaani kye yasaba Yesu oluvannyuma lw'okumusubiza obwakabaka bwonna obw'ensi mu Matayo 4:9?

---

Sitaani yakwatibwa obuggya olw'amaanyi ga Katonda agasingayo n'okusaanira okusinzibwa. Amalala ge n'okujeemera Katonda byafuuka okugwa kwe. Soma Okubikkulirwa 12:7–9 ne Lukka 10:18. Katonda yakwata atya amalala ga Sitaani?

---

---

---

Sitaani, ayogerwako ng'Omusota, yasuulibwa okuva mu ggulu wamu ne bamalayika abalala abaamugoberera. Soma Okubikkulirwa 12:3–4. Bamalayika bameka abaagobwa ne Sitaani?

---

---

---

Ekitabo ky'Okubikkulirwa kijjudde ebigambo eby'akabonero n'obubonero, era abamanyi bangi n'abannyonnyozi ba Baibuli bamaze essaawa ezitabalika nga basoma amakulu agali emabega wa buli lunyiriri. Kiteeberezebwa nti Sitaani, "Omusota," yatwala kimu kya kusatu ku bamalayika, "emmunyeenye," ku nsi. Bamalayika bano abagudde bamanyiddwa nga badayimooni ba Sitaani abagenda nga bakola emirimu gye emibi. Bayibuli tewa kiseera kituufu ekiraga ddi okugwa kwa Sitaani lwe kwaliwo. Kirabika kyaliwo wakati w'olunaku olw'enkomerero olw'okutonda ne bwe yalabikira mu maaso ga Kaawa ng'omusota.

Bangi ku bannyonnyola Baibuli bakkiriza nti okugwa kwa Sitaani era kuwandiikiddwa mu Isaaya 14:12–17 ne Ezeekyeri 28:12–19. Ekitundu kya Isaaya mu ngeri ey'enjawulo kigambo kya bunnabbi ekitegeeza kabaka w'e Babulooni, ate ekitundu kya Ezeekyeri kya kukungubaga eri kabaka w'e Ttuulo. Wadde nga tetusobola kumanya bulungi oba ne Sitaani y'ensonga y'enyiri zino, waliwo okufaanagana okutegeerekeka wakati w'ebigambo ebyaweewwa ku bakabaka bano ababiri n'okugwa kwa Sitaani. Oboolyawo Sitaani yennyini yali afuga oba ng'abeera mu bakabaka bano mu kiseera ky'ebitundu bino okufaananako bwe yatuula mu Yuda Isukalyoti nga tannalya mu Yesu olukwe mu Lukka 22:3. Anti ekikolimo ky'ekibi ky'abantu kyawa Sitaani wayimirira okukosa ensi eno.

**Essomo 2—Katonda w’Omulembe Guno**

Sitaani ayogerwako atya mu Byawandiikibwa bino wammanga?

Yokaana 14:30; 16:11

---

---

---

2 Abakkolinso 4:4

---

---

---

Abeefeso 2:2

---

---

---

Ky’olina okumanya kiri nti Sitaani mulabe wa maanyi nnyo. Sitaani ne badayimooni be bataayaaya ddala ku nsi nga banoonya omuyiggo gwe banaalya. Okusenziira ku 2 Timoseewo 2:25–26, mbeera etya ey’abo ababeera mu kuwakanya Katonda?

Mu ngeri ey’obukugu Sitaani akwata ensi n’abatuuze baamu okujeemera Omutonzi. Ayagala okwonoona buli kintu Katonda kye yasooka okutonda okuba ekirungi. Ayogerwako atya mu 1 Peetero 5:8?

*Sitaani*—Omulabe w’omuntu omukulu; omulangira w’ekizikiza, sitaani.

Sitaani—Omulabe wa Katonda, wadde nga ali wansi we era ng’asobola okukola nga Katonda ye akiriza;

omwoyo ogw’oku ntikko ogw’obuntu ogw’obubi n’obutali butuukirivu; omukemi.

---

---

---

---

---

---

---

---

Abo abatakkiririza mu Yesu Kristo tebalina bukuumi eri Omulabe. Omuntu tatukaana n'ayea. Asinga amaanyi n'amagezi era asobola okuwangula omuntu yenna eyesigama ku maanyi ge ng'oggyeeko Kristo.

### **Okuwangulwa Okuteewalika**

Sitaani mulabe wa Katonda n'abaana ba Katonda, naye kikulu okutegeera nti si ye munne wa Katonda. Alina amaanyi, naye talina maanyi gonna. Mugezigezi, naye talina magezi gonna. Asobola okutta abantu abangi, naye ye kennyini ajja kuzikirizibwa.

Katonda yagamba ki omusota mu Olubereberye 3:15?

---

---

---

Soma Abebbulaniya 2:14. Yesu yawangula atya Sitaani?

---

---

---

Okusenziira ku Matayo 25:41 ne Okubikkulirwa 20:10, enkomerero ya Sitaani eri etya?

---

---

---

Sitaani ne badayimooni be balwana mu lutalo lwe baawangulwa edda, era bamanyi bulungi ensonga eyo. Okufa kwa Kristo n'okuzuukira byakuba amaanyi ga Sitaani ekikonde ekisembayo—okutuukirizibwa kw'ekigambo kya Katonda eky'obunnabbi nti "Ezzadde" ly'omukazi oyo lirimenya omutwe gwa Sitaani.

Soma Matayo 28:18. Ani alina obuyinza bwonna?

---

---

---

Matayo 8:28–32 ewandiika enkolagana wakati wa Yesu n'abasajja babiri abaali bawambidwa dayimooni. Kiki emisambwa kye gyagamba Yesu bwe yatuuka?

---

---

---

Badayimooni baali bamanyi bulungi Yesu ky'ali, era ne bamutya. Baali balina okusaba olukusa lwe okuyingira mu kisibo kye mbizzi ezaali okumpi. Yesu yamuddamu atya mu lunyiriri 32?

---

Ng'akozesa ekigambo kimu, Yesu Kristo yagoba badayimooni mu bantu abaaliko emizimu. Soma Makko 1:23–27. Kiki abajulirwa kye baalaba ku Yesu mu lunyiriri 27?

---

---

---

Yesu Kristo alina obuyinza bwonna mu ggulu ne ku nsi, era ajja kukomawo olunaku lumu mu bbanga ttono asindike Sitaani ne badayimooni be mu geyena babeere mu kubonyaabonyezebwa emirembe gyonna. Naye okutuusa ku lunaku olwo, tulina okussaayo omwoyo ku kubuulirira kwa Peetero 'okubeera abatamirikufu era obulindaala' okulwanyisa obulumbaganyi bw'Omulabe.

### **Essomo 3—Enkwe Za Sitaani**

Enkomerero ya Sitaani esembera, naye tennatuuka. Alina ebbanga ki erisigadeyo? Soma Matayo 24:36. Ani amanyi ddi enkomerero lw'eneetuuka?

---

Sitaani tamanyi budde bwe busigaddeyo; n'olwekyo awatali kukoowa era obutasalako asiga ensigo z'obujeemu mu mitima n'ebirowoozo by'abantu bangi nga bw'asobola ng'enkomerero ye tennatuuka.

### **Okuziba amaaso g'Ababuze**

Bukodyo ki Sitaani bw'akozesa?

2 Abakkolinso 4:4

---

---

---

Matayo 13:19

---

---

---

2 Abakkolinso 2:11

---

---

---

2 Timoseewo 2:26

---

---

---

Sitaani okusookera ddala akola kyonna ky'asobola okuziba amaaso g'ebirowoozo by'abantu okuva mu mazima g'enjiri.

Ebyembi, waliwo ebintu bingi eby'obulimba ebidda mu kifo ky'amazima by'ayinza okulondamu. Kiki Yesu kye yayogera ku ngeri y'obulamu bwogigerageranya ku ngeri y'okuzikirizibwa mu Matayo 7:13–14?



---



---

Waliwo ekkubo limu lyokka eritutuusa mu bulamu, era lye liyita mu Yesu Kristo. Ebintu ebirala byonna bye tugoberera tebirina makulu era bikomekereza mu kufa. Sitaani amanyi bulungi ensonga eno. Teyetaaga kulimba bantu kufuuka kibinja ky’abatemu n’abasobya ku bakazi okusobola okulaga nti awangudde obulamu bwabwe, wadde ng’abamu abakubiriza okugoberera amakubo ago. Teyetaaga ggye lya basinza Sitaani okukola ekiragiyo kye, wadde nga ayaniriza okutendereza n’okusinza kwabwe. Yeetaaga bwetazi kuziba amaaso g’emitima n’ebiwoozo by’abantu okuva ku bubaka bw’enjiri. Ekirala kyonna kimumala. Naye asobola atya okukuuma abantu okuva mu mazima? Wandiiika 2 Abakkolinso 11:14.

---



---

Nzikiriza nti endowooza ey'okukwakulibwa nga ekibonyoobonyo tekinnatuuka yesinga okuzingiramu empisa za Katonda n'okwagala kwe okuwonya abatuukirivu obusungu obugenda okujja. Ka kibeere nti okukwakulibwa kulibaawo ddi ddala, ekituufu kiri nti Yesu Kristo ajja kudda akunjaanya ekkanisa ye mu maaso ge.

### **Omubiri Ogugulumiziddwa**

Omwoyo gw'abakkiriza abafa oluvannyuma lw'okuzuukira kwa Yesu naye nga okukwakulibwa tekunnaba kuberawo, baawulwa ku mibiri gyabwe. Emibiri gyabwe gisigala ku nsi ate emyoyo gyabwe gyegatta ku Yesu mu ggulu. Naye ekintu eky'ekyamagero kijja kubaawo mu kukwakulibwa.

Soma 1 Abakkolinso 15:49–58.

Omukkiriza alisitula ekifaananyi ky'ani (olunyiriri 49)?

---

Kiki ekigenda okutuuka ku mukkiriza (ennyiriri 51–52)?

---

---

---

Omukkiriza "aliyambala" Ki (olunyiriri 53)?

---

Kiki "ekimiribwa" oluvannyuma lw'enkyukakyuka eno (olunyiriri 54)?

---

---

Ku kkondeere erisembayo, emibiri egy'emyoyo egiri mu ggulu gijja kuzuukizibwa nga tegivunda, era awamu n'abo abaliba ng'abakyali abalamu ku nsi, gijja kuwanyisibwa "mu kutemya kw'eriiso" era gifune emibiri egy'ekitiibwa egyabategekebwa. Emibiri egy'akaseera obuseera, egy'oku nsi gikoleddwa mu nfuufu y'ensi, naye emibiri egyagulumizibwa gijja kuba tegivunda era tegifa, nga gisaanira obulamu obutaggwaawo mu ggulu.

Emibiri gino egyagulumizibwa ginaafaanana gitya okusenziira ku 1 Yokaana 3:2?

---

---

---

Emibiri gy'abakkiriza egyagulumizibwa gijja kuba ng'omubiri gwa Yesu ogwagulumizibwa oluvannyuma lw'okuzuukira kwe. Enger ki ez'omubiri gwa Kristo ezibikkuliddwa mu bitundu bino wammanga?

Lukka 24:31

---

---

---

Lukka 24:36–43

---

---

---

Yokaana 20:24–29

---

---

---

Ka kibe nti okukwakulibwa kubaawo nga ekibonyoobonyo tekinnatuuka, nga kituuse oba oluvannyuma lw'ekibonyoobonyo, abakkiriza bajja kubeera ne Kristo mu mibiri gyabwe emipya egyagulumizibwa nga yeetegekera okukka ku nsi omulundi omulala.

## **Essomo 7—Okujja kwa Yesu Kristo okw'Okubiri**

Okujja kwa Yesu Kristo omulundi ogw'okubiri kujja kuba kimu ku bintu ebisinga okubeera eby'ekitalo mu biseera byonna. Okujja kwa Kristo ku nsi okwasooka kwali kwa buwombeefu—okuzaalibwa mu kilaalo ky'ente mu kyalo ekitali kitegeerekeka eri omuwala embeerera omwavu era n'alangirirwa abasumba aba bulijjo. Okujja kwe okw'okubiri kujja kuba kwolesa mu bujjuvu amaanyi ge ag'entiisa n'ekitiibwa kye. Ng'olutalo lwa Kalu-magedoni lugenda mu maaso, Kristo ajja kwemanyisa ensi yonna.

Soma Okubikkulirwa 19:11–21.

Yesu ayogerwako atya ng'akomyewo (ennyiriri 11–13)?

---

---

---

Abo abagoberera Kristo boogerwaako batya (olunyiriri 14)?

---

---

---

Yesu agenda kukubisa ki amawanga (olunyiriri 15)?

---

Kiki ekiwandiikiddwa ku kyambalo kya Yesu n'ekisambi (olunyiriri 16)?

---

Kiki ekituuka ku Mulabe wa Kristo ne Nabbi ow'obulimba (olunyiriri 20)?

---

---

---

Kiki ekituuka ku bonna abagaana Kristo (olunyiriri 21)?

---

---

---

“Amagye agali mu ggulu” agoogeddwako mu lunyiriri 19 galimu abakkiriza abaali ba kwakulibwa emabegako n'ebakyusibwa.

Okusenziira ku Okubikkulirwa 17:14, “abo abali naye” bayitibwa ki?

---

Okusenziira ku Yuda 14–15, ani “Mukama” gw’ajja naye ku kukka kwe?

---

---

Kristo ajja kujja ku nsi n’ekkanisa ye okukola omusango ogw’enkomerero ku abo abamugaana. Wandika by’oyiga ku kujja kwa Yesu omulundi ogw’okubiri.

Matayo 24:27–31

---

---

---

Ebikolwa by’Abatume 1:11

---

---

---

Zekkaliya 14:1–4

---

---

---

Okubikkulirwa 1:7

---

---

---

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Oluvannyuma lwa Kristo  
okukung’anya ekkansa ye mu ggulu  
ku kukwakulibwa, abakkiriza bajja  
kufuna emibiri gyabwe  
egyagulumizibwa era  
bamuwerekereko nga bw’akomawo  
ku nsi olw’okujja kwe okw’okubiri.

**Obufuzi bwa Kristo obw'Emyaka Olukumi**

Yesu bw'anaamala okuwangula abalabe be, ajja kuteekawo obwakabaka bwe ku nsi. Soma Okubikkulirwa 20:1–6.

Kiki ekituuka ku Sitaani (ennyiriri 1–3)?

---

---

---

Ani abeera era afuga ne Kristo (olunyiriri 4)?

---

Ekiseera kino kinaamala bbanga ki (ennyiriri 4–6)?

---

Sitaani asibiddwa n'asibibwa enjegere mu bunnya obutakoma nga Yesu afuga ku nsi n'abatukuvu be okumala emyaka lukumi. Kiki ky'oyiga ku kiseera ky'emyaka olukumi okuva mu byawandikibwa bino wammanga?

Isaaya 2:1–5

---

---

---

Isaaya 11:5–10

---

---

---

Kiki malayika Gabulyeri kye yagamba Maliyamu mu Lukka 1:31–33?

---

---

---

Obufuzi bwa Yesu obw'emyaka lukumi bujja kuba kutuukirizibwa kw'obunnabbi bwa Baibuli bungi nnyo. Kijja kuba kiseera kya mirembe mingi, essanyu, n'okubudaabudibwa, naye tekijja kuwangaala mirembe gyonna. Soma Okubikkulirwa 20:7–10.

Kiki ekigenda okubaawo ku nkomerero y'emyaka lukumi (olunyiriri 7)?

---



---

---

Sitaani anakola ki nga amaze okuyimbulwa (olunyiriri 8)?

---

---

---

Kiki ekituuka ku abo abalimbibwa Sitaani (olunyiriri 9)?

---

---

---

Ekibonerezo kya Sitaani ekisembayo kijja kuba ki (olunyiriri 10)?

Ekitundu kino mu Okubikkulirwa kiraga nti wajja kubaawo abantu bangi abajja okusalawo okujeemera Yesu mu kiseera ky'emyaka lukumi, ne bwe baba nga tebalina buyinza bwa Sitaani. Sitaani bw'anaamala okuyimbulwa, ajja kukunjaanya abajeemu wamu okukola olulumba olusembayo ng'agezaako okusaanyaawo Kristo n'abantu be. Naye Katonda ajja kubazikiriza n'omuliro okuva mu ggulu era asindike Sitaani okwegatta ku Mulabe wa Kristo ne Nabbi ow'obulimba mu nnyanja ey'omuliro emirembe gyonna. Era awo we wava omusango ogw'oluvannyuma era ogusembayo.

## Essomo 8—Omulamuzi Omutuukirivu

Okusinziira ku Bikolwa 17:30–31, ani Katonda gwe yateekawo okubeera Omulamuzi omutuukirivu?

---

---

---

Lwaki Yesu agamba nti omusango gwe mutuukirivu okusinziira ku Yokaana 5:30?

---

---

---

Soma Matayo 25:31–46.

Yesu agenda kukola ki n'amawanga gonna agakunjaanyiziddwa mu maaso ge (ennyiriri 32–33)?

---

---

---

Yesu agenda kugamba ki abo abali ku ddyo we (ennyiriri 34–40)?

---

---

---

Yesu ajja kugamba ki abo abali ku kkono we (ennyiriri 41–46)?

---

---

---

Ekyewuunyisa, amakubo gonna gaggukira eri Katonda. Buli muntu ajja kuyimirira mu maaso g'Omutonzi era oba ayambazibwe mu bwetoowaze obutuukirivu bwa Kristo, oba asigale bukunya, ng'alina omusango, era asingisibwe omusango mu bibi bye. Waliwo, nate, enzikiriza ezimu ez'enjawulo munda mu kkanisa ezikwata ku kusala omusango gwa Kristo. Abamu banywerera ku nzikiriza nti Baibuli eyogera ku kusala misango egy'enjawulo okuva eri Yesu egijja okubaawo mu biseera eby'enjawulo. Abalala bakkiriza nti waliwo okusala omusango gumu gwokka ogubaawo ku nkomerero y'obufuzi bwe obw'emyaka lukumi.

Wadde nga waliwo enzikiriza zino ez'enjawulo, ekituufu kiri nti Yesu Kristo ye Mulamuzi omutuukirivu, era bonna bajja kuyimirira mu maaso ge okufuna ekibonerezo kyabwe.

### **Entebe y'Obulamuzi ya Kristo**

Entebe y'Obulamuzi ya Kristo abamu bagikkiriza nti kwe kusala omusango ogusooka ogwaterekebwa abalokole bokka. Kiteeberezebwa nti kilibaawo mu kiseera ekimu oluvannyuma lw'okukwakulibwa kw'ekkanisa ne mu kiseera ky'ekibonyoobonyo ekinene. Si musango gwa kusalirwa ebibonerezo, kubanga Yesu yasangula omuwendo gw'ekibi ku musaalaba. Bonna abamufuna basonyiyibwa ekibi kyabwe. Wabula, kwe kusalawo okw'embalirira n'obwesigwa bwa buli muntu n'obuweereza bwe.

Soma 1 Abakkolinso 3:11–15.

Omusingi gw'abakkiriza bonna (olunyiriri 11) ye ani?

---

---

---

Bintu bya ngeri ki by'oyinza okuzimba ku musingi gwa Kristo (olunyiriri 12)?

---

---

---

Omulumu gwo gujja kugezesebwa gutya (olunyiriri 13)?

---

---

---

Biki ebinaavaamu (ennyiriri 14–15)?

---

---

---

Okusenziira ku 1 Abakkolinso 4:5, kiki Yesu ky'anaaleeta mu musana?

---

---

---

Kiki ky'oyiga okuva mu 2 Abakkolinso 5:9–11?

---

---

---

Waliwo ky'omanyi mu bulamu bwo ky'oyinza okuba ng'ozimbako ekitajja kugumira kugezesebwa kwa muliro gwa Kristo?

---

---

---

Ebigendererwa byonna eby'ekyama n'okwegomba kw'omutima bijja kubikkulwa mu maaso g'Omulamuzi omutuukirivu. Buli kintu ekikolebwa okuyita mu kwegomba okw'okweyagaliza, obutali butuukirivu, n'amalala bijja kwokebwa bifuuke evvu. Naye ebikolwa eby'obuwombeefu eby'okwefiiriza n'obuwulize mu kuweereza Kabaka bijja kusigalawo era biweebwe empeera okusinziira ku ekyo. Kiki ekiwebwa empeera mu bitundu ebiddako?

2 Timoseewo 4:7–8                      Empeera: Engule ya \_\_\_\_\_

Yakobo 1:12                              Empeera: Engule ya \_\_\_\_\_

1 Petero 5:4                              Empeera: Engule ya \_\_\_\_\_

Okusinziira ku Okubikkulirwa 4:9–11, kiki abakadde abiri mu bana kye bakola n'engule zaabwe?

---

---

---

Empeera yonna oba ekitiibwa kijja kuba kitono bw'okigeraageranya n'okubeera mu maaso ga Yesu Kristo!

## **Essomo 9—Okusalirwa Omusango ku Nnamulondo Enjeru**

Omusango gw'Entebe Enjeru eri abamu gulwoozebwa nti guterekeddwa aboonoonyi bokka abateenya era gujja kubaawo oluvannyuma lwa Sitaani okusindikibwa mu nnyanja ey'omuliro ku nkomerero y'obufuzi bwa Kristo obw'emyaka lukumi.

Soma Okubikkulirwa 20:11–15.

Kiki abo abagaana Kristo kye banaagezaako okukola ng'omusango gutandise (olunyiriri 11)?

---

---

---

Abafu balisalirwa batya omusango (olunyiriri 12)?

---

---

---

Abafu bava wa (olunyiriri 13)?

---

---

---

Kiki ekituuka ku abo abatawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu (olunyiriri 14–15)?

---

---

---

Buli mwoyo ogulindiridde okusalirwa omusango mu buziba bw'amagombe n'abo bonna abaayokeddwa omuliro gwa Katonda mu lutalo olw'enkomerero y'emyaka lukumi bajja kuyimirira mu maaso g'Oyo gwe bagaanye era bajja kufuna ekibonerezo kyabwe.

Abalamudwa banaaddamu batya Yesu okusenziira ku bitundu bino wammanga?

Abaruumi 3:19

---

---

---

Abafiripi 2:9–11

---

---

---

Buli kamwa kalisirisibwa mu maaso g'Omulamuzi omutuukirivu omuyinza w'ebintu byonna. Bonna bajja kumukkiriza nga Ye Mukama era bafune ensala y'eyomusango.

### **Geyeena**

Kigenda kyeyongera okubeera ekya bulijjo Abakristaayo okugaana enjigiriza ya Baibuli eya geyena. Bangi bagamba nti Katonda ye Katonda ow'kwagala era teyandisindika muntu yenna mu kifo eky'entiisa bwe kiti eky'okubonyaabonyezebwa emirembe gyonna.

Kiki ky'oyiga ku mutima gwa Katonda okuva mu bitundu bino wammanga?

Timoseewo 2:3–6

---

---

---

1 Petero 3:9

---

---

---

Katonda ddala Katonda wa kwagala era tayagala muntu yenna kugenda mu geyena. Eyo yennyini y'ensonga lwaki yawa ekkubo ery'okutoloka. Soma Yokaana 3:16–21.

Lwaki Katonda yatuma Omwana we (ennyiriri 16–17)?

---

---

---

Abantu basalirwa batya omusango (ennyiriri 18–20)?

---

---

---

Amazima agewunyisa ggali nti abantu beerondera ggeyeena nga bagaana Omulokozi. Yesu ye Mulamuzi omutuukirivu, era singa aboononyi bagaana okwenenya ne bafuna okusonyiyibwa kwe, bajja kusalirwa omusango okusasula ekibonerezo ky'ekibi kyabwe emirembe gyonna. Abo abagaana enjigiriza ya geyena balina okubuusa amaaso enjigiriza za Yesu. Funza ebigambo bya Kristo mu bitundu bino wammanga.

Makko 16:15–16

---

---

---

Matayo 13:40–43

---

---

---

**OMUSINGI GWA MAZIMA**

Kristo yayigiriza nti oyo yenna amugaana ajja kusalirwa omusango era gumusinge.

Okusinziira ku Byawandiikibwa, ggeyeena kifo kya ddala era kiterekeddwa abo abagaana Omulokozi. Naye abo abafunye obulokozi okuyita mu Yesu Kristo

amannya gaabwe gawandiikiddwa mu kitabo ky'Obulamu era bajja kubeera mu maaso ga Yesu emirembe gyonna.

Yesu ayogera ki ku ggulu mu bitundu bino wammanga?

Yokaana 14:1–3

---

---

---

Yokaana 16:22

---

---

---

## Essomo 10—Eggulu Empya n'Ensi Empya

Obufuzi bwa Kristo obw'emyaka lukumi bwe buba buweddewo, Okubikkulirwa kwogera ku ggulu eppya n'ensi empya. Soma Okubikkulirwa 21–22 era ojjuze ebifo ebitaliimu.

- Eggulu eryasooka n'ensi eyasooka \_\_\_\_\_ (21:1).
- Tewaaliwo \_\_\_\_\_ (21:1).
- Eggulu kifo Katonda \_\_\_\_\_ (21:3).
- Katonda ajja \_\_\_\_\_ (21:4).
- Tewajja kubaawo \_\_\_\_\_ (21:4).
- Katonda akola ebintu byonna \_\_\_\_\_ (21:5).
- Oyo alina ennyonta \_\_\_\_\_ (21:6).
- Oyo awangula ajja \_\_\_\_\_ (21:7).
- Eggulu litangaavu, nga \_\_\_\_\_ (21:11).
- Bbugwe akoleddwa mu \_\_\_\_\_ (21:18–20).
- Emiryango ekkumi n'ebiri gikoleddwa mu \_\_\_\_\_ (21:21).
- Enguudo zikoleddwa mu... \_\_\_\_\_ (21:21).
- Yeekaalu eri mu ggulu \_\_\_\_\_ (21:22).
- Eggulu limulisibwa olw'... \_\_\_\_\_ (21:23).
- Emiryango tegijja kuddamu \_\_\_\_\_ (21:25).
- Bannansi bebo aba \_\_\_\_\_ (21:27).
- Mu ggulu, mulimu omugga gwa \_\_\_\_\_ (22:1).
- Waliwo omuti gwa \_\_\_\_\_ (22:2).
- Tewali \_\_\_\_\_ (22:3).
- Waliwo a... \_\_\_\_\_ (22:3).
- Mu ggulu, tujja \_\_\_\_\_ (22:3–5).

Byonna ebikwata ku ggulu byoleka obutukuvu bwa Katonda n'ekitiibwa kye. Abatuuze bonna mu nnyumba ya Katonda mu ggulu bajja kubeerera emirembe gyonna mu mirembe egy'enkomeredde, mu butebenkevu, n'okutuukirira mu maaso ge. Tewajja kuddamu kubaawo kutya, nnaku, kubonaabona, kubeera wekka, oba obuzibu. Katonda atenderezewe!



### **OMUSINGI GWA MAZIMA**

Eggulu kifo Katonda ky'ategekera abakkiriza bonna. Abatuuze bonna ku nkomerero bajja kunyumirwa okwagala okujjuvu, essanyu, emirembe, eddembe, okukusibwa, n'enkolagana entuufu ne Katonda n'abalala.

### **Mu bufunze**

Nsubira nti Essuula eno ekuwadde okutegeera okutonotono ku ekyo Ekigambo kya Katonda kye kyogera ku kufa n'ebiseera by'enkomerero. Oyinza okusanga enzivuunula endala okuva mu basumba, abanyonyola, oba abakugu mu by'eddiini ab'enjawulo ku Magombe, okukwakulibwa, ekiseera ky'okubonaabona, n'ebirala, naye tokkiriza ndowooza za njawulo ku nsonga zino kukutawaanya. Tunuulira Ekigambo Ekitukuvu okufuna amazima, era n'obwetoowaze

mugondera obuyinza obw'enkomerero n'okumanya byonna ebya Katonda. Oli mu mikono gye egy'amaanyi, era buli kimu ekigenda okubaawo ku nkomerero kiri wansi w'obuyinza bwe. Mubeere mu Ye n'Ekigambo kye buli lunaku. Goberera obutuukirivu, gabana enjiri, era wesunge okudda kw'omulokozi waffe Yesu Kristo mu kitiibwa!

## **Ekyongerezeddwako A: Okukulaakulanya Enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku**

Ekirabo ekisinga obunene ekifunibwa okuyita mu bulokozi bwe busobozi bw'okuba n'enkolagana ey'oku lusegere, eyeesigamwaako ne Katonda. Tewali ky'ayagala nnyo okuva gy'oli.

### **Tekateka obudde**

Londa ekiseera ekisinga obulungi mu lunaku (kumakya oba akawungeezi) era weewaayo mu kusinza eri Katonda buli lunaku. Teweleteera kuggwaamu maanyi ng'osawo ekiruubirirwa ky'otojja kusobola kukuuma. Tandika n'ekisera ekitono, olwo n'oyongerako obudde nga bw'okula. Tandika n'eddakiika kkumi na ttaano buli lunaku.

### **Londa ekitabo mu Bayibuli.**

Soma Essuula emu (oba nebw'etawera bw'eba Essuula empanvu) oba ennyiriri ntono, era ogifumiitirizeeko. Okugatta ku ekyo, oyinza n'okwagala okusoma okuva mu kitabo ekikwata ku kusinza buli lunaku. Laba Ekyongerezeddwako B: Ebitabo byetukukubirza okusoma ofune amagezi.

### **Saba.**

Saba mu ngeri ey'enjawulo ku mazima g'obadde waakasoma. Saba Katonda akubikkulile engeri gye bikwata ku bulamu bwo. Saba obwetoowaze okwewaayo eri obuyinza bwe n'okuddamu mu buwulize.

### **Muwulirize.**

Mala eddakiika ntono mu kasirise, ng'owuliriza bwokka. Kino kiyinza obutanyuma mu kusooka. Tuli mu mulembe ogw'owugulwa buli kiseera era tetumanyidde kutuula busirise. Gumiikiriza Katonda ajja kuba mwesigwa okwogera naawe. Jjukira nti Omwoyo Omutukuvu abeera mu ggwe era asobola okuweereza eri ebirowoozo byo.

### **Kuuma akatabo mwowandika ebigenda mu maaso mulamu bwo.**

Wandiika essaala zo, by'oyitamu, ebirowoozo byo, oba by'ofumiitiriza obikuume nga bya kyama. Wandika ennyiriri kye zitegeeza gy'oli n'ekintu kyonna Mukama ky'ayogera n'omutima gwo.

### **Ddamu osabe.**

Beera mu bugenderevu ku ssaala zo. Kozesa enkola ya ACTS okuyambako:

- *A—Adoration (Okusinza)*— Sinza era Tendereze Katonda.
- *C—Confession (Yatula)*— Yatula era wenenye ebibi byonna ebimanyiddwa.
- *T—Thanksgiving (Okwebaza Katonda)*— Laga okwebaza olw'emikisa gya Katonda mu bulamu bwo.

- *S—Supplication (Okwegayirira)*—MMu bwetoowaze kowetoowaze kolaa okusokusaba ba kuu bybyetaagaago bbyo n"ebybyetaagaago by'abalalaby'abalala.

Ggalawo ng'osaba Katonda akuyambe okumanya n'okukkiriza okubeerawo kwe olunaku lwo lwonna.

## **Ekyongerezeddwako B: Ebitabo Ebisembebwa**

Wadde ng'ebitabo bingi ebirungi ennyo biriwo okwongera okunyweza enkolagana yo ne Katonda, tukuwa amagezi bino wammanga okukulunganya, okukuyigiriza, n'okukusoomooza.

### **Ebitabo by'Obuyigirizwa**

*Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God* by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

*Man to Man* by Charles R. Swindoll

Marriage Is a Ministry series by Craig Caster

*Men of Courage: God's Call to Move Beyond the Silence of Adam* by Dr. Larry Crabb

Parenting Is a Ministry series by Craig Caster

Understanding Teens series by Craig Caster

### **Ebitabo Ebikwata ku Kwewayo eri Katonda**

*Daily Experience with God* by Andrew Murray

*Drawing Near: Daily Readings for a Deeper Faith* by John F. MacArthur

*Every Day with Jesus: First Steps with New Believers* by Greg Laurie

*Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God* by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

*Meet the Bible: A Panorama of God's Word in 366 Daily Readings and Reflections* by Brenda Quinn and Philip Yancey

*Moments Together for Couples* by Dennis and Barbara Rainey

*My Utmost for His Highest* by Oswald Chambers

*On the Other Side of the Garden: Biblical Womanhood* by Virginia Ruth Fugate

*Our Daily Bread*, simple digital and printed devotionals at <https://odb.org/>

*Self-Confrontation* by John C. Broger

*Streams in the Desert* by Mrs. Charles E. Cowman

*The Love Dare Day by Day: A Year of Devotions for Couples* by Stephen and Alex Kendrick

*The One Year Book of Psalms* by William J. Peterson and Randy Petersen

### **Ebikozesebwa mu kwewaayo n'okufuuka abayigirizwa eri abatiini**

*Bad to the Bone: Fifteen Young Bible Heroes Who Lived Radical Lives for God* by Miles McPherson Bible app by YouVersion (available on Apple and Android)

BibleProject podcasts and videos, <https://bibleproject.com/>

*Growing Little Women: Capturing Teachable Moments with Your Daughter* by Donna J. Miller, with

Linda Holland

Josh McDowell Daily Devotions, subscribe online at [josh.org/resources/youth-family/daily-devotions/youth/](http://josh.org/resources/youth-family/daily-devotions/youth/)

*Talksheets* by David Lynn (various books for junior high and high school)

*Youth Devotions* by Josh McDowell

### **Ebitabo by'omukwano**

*For Men Only* by Shaunti and Jeff Feldhahn

*For Parents Only* by Shaunti Feldhahn and Lisa A. Rice

*For Women Only* by Shaunti Feldhahn

*For Young Men Only* by Jeff Feldhahn and Eric Rice with Shaunti Feldhahn

*For Young Women Only* by Shaunti Feldhahn and Lisa A. Rice

*Lady in Waiting: Becoming God's Best While Waiting for Mr. Right* by Jackie Kendall and Debby Jones

*Praying for Your Future Husband: Preparing Your Heart for His* by Robin Jones Gunn and Tricia Goyer  
*The Power of a Praying Wife* by Stormie Omartian

### **Obyogera ku Kaboozi**

*How to Talk Confidently with Your Child about Sex* by Lenore Buth

*More Than Just the Talk: Becoming Your Kids' Go-To Person about Sex* by Jonathan McKee

## Ekyongerezeddwako 'C' Enkuluze

Ennyinyonyola zino ziggiddwa mu nkuluze ya Webster's New International Dictionary of the English Language, Second Edition Unabridged, G & C Merriam Company (1939).

**okubeera:** "Okuyimirizaawo; okugondera; okweyongera okugumiikiriza awatali kwewaayo; okusigala mu bunywevu oba nga onywerede mukintu."

Okukulaakulanya enkolagana ey'oku lusegere ne Yesu Kristo n'okubeera n'obulamu obw'obuwanguzi, tulina okusigala mu Ye—okwogera naye mu kusaba, okufumiitiriza ku Kigambo kye, n'okuwuliriza obulagirizi bw'Omutukuvu

Omwooyo.

Laba Zabbuli 91:1; Yokaana 15:4–10.

**Embalirila** "Avunaanyizibwa okuyitibwa okuwa embalirira; avunaanyizibwa ku nneeyisa y'omuntu." Ng'ebitundu by'omubiri gwa Kristo, Katonda ayita buli omu ku ffe okuba n'obuvunaanyizibwa eri munne n'ekigendererwa eky'okuzzaamu amaanyi, okukuuma, okubuulirira, n'okutereeza. Laba Lukka 9:10; Abaruumi 14:12; Abaggalatiya 6:1; 1 Peetero 4:5.

**okuzaala abaana:** "Okutwala oba okufuna ng'ow'omuntu; okukkiriza ku; okukkiriza; okutwala mu kulonda mu mukwano ng'omwana, omusika, mukwano, oba munnansi."

Omwoonyi bwe yeenenya n'afuna Kristo ng'Omulokozi era Mukama waffe, batwalibwa mu maka ga Katonda ne bafuuka omu ku baana be. Bakkirizibwa okutuuka ku Kitaffe era ne bagabana mu busika obw'obwakatonda. Omwoyo Omutukuvu abeera mu mutima gwabwe akakasa mu mutima gwabwe nti baana ba Katonda.

Laba Koseya 1:10; Yokaana 20:17; Abaruumi 8:14, 15, 17.

**omutume:** "Omu atumibwa; omubaka; omu ku bayigirizwa ba Kristo ekkumi n'ababiri, eyalondebwa mu ngeri ey'enjawulo okuba banne n'abajulirwa be, era n'asindikibwa okubuulira enjiri."

Yesu Kristo yayita abayigirizwa ekkumi n'ababiri gy'ali n'oluvannyuma n'abasindika mu nsi okukola by'ayagala n'okutuukiriza enteekateeka ye.

Laba Matayo 28:18–20; Abaruumi 1:1; Abaggalatiya 1:1.

**okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri:** "okudamu okuzaalibwa; ezze buggya; nga bafunye obulamu obw'omwoyo."

Buli muntu afuna okuzaalibwa mu mubiri, naye omwoonyi bwe yeenenya n'akkiriza Yesu Kristo nga Mukama era Omulokozi, bazaalibwa omulundi ogw'okubiri Omwoyo

Omutukuvu. Omwoyo wa Katonda ajja okubeera mu mutima gwabwe, n'abawa obulamu bwa Katonda bwennyini. Laba Ezeekyeri 36:26, 27; Yokaana 3:1–8.

**Okusalirwa omusango** "Alangibwa ng'omukyamu, omusango, atalina mugaso, oba okufiirwa; basaliddwa ekibonerezo, okuzikirizibwa, oba okubowa ebintu."

Buli muntu azaalibwa mu kibi, alina omusango gw'okusobya, era agwanidde okubonerezebwa Katonda. Yesu Kristo yeetikka ekibi ky'ensi n'asitula omusango gwa buli musajja n'omukazi okutuuka ku musaalaba, bw'atyo n'alangirira abakkiriza bonna nti tebalina musango era nga batuukiridde.

Laba Abaruumi 5:16–18; 8:1; 13:2.

**okwatula:** "Okukkiriza ekintu eky'ekyama, ekikwese, oba eky'okwonoona omuntu yekka."

Omukkiriza bw'asingisibwa omusango oba ekigambo kya Katonda oba Omwoyo Omutukuvu ku ndowooza ye, ebigendererwa bye, endowooza ze, oba ebikolwa bye ebitasanyusa Katonda, eky'okuddamu ekituufu kwe kwatula. Okwatula okwa nnamaddala kujja kugobererwa okwenenya. Laba 2 Samwiri 12:13; 1 Yokaana 1:9–10.

**okusingisibwa omusango:** "Okusikiriza oba okukkiriza okw'amaanyi; embeera y'okukakasibwa nti waliwo ensobi oba okuwalirizibwa okukkiriza amazima."

Omwoyo Omutukuvu yekka y'asobola okuleeta okukakasa ekibi mu mutima. Okukakasibwa Omwoyo Omutukuvu kukubiriza omukkiriza omwetoowaze okwatula n'okwenenya. Laba Zabbuli 32:3–5; Yokaana 16:7–8.

**Empisa oba okwasisa empiisa:** "Okusomesa; okutendekebwa mu kwefuga oba okugondera emitindo egyaweebwa; okukulakulana nga bayitira mu kuyigiriza n'okukola dduyiyo."

Mu butonde tewali muntu yenna akulaakulanya okukula mu by'omwoyo n'empisa ez'okutya Katonda. Mukama ow'ekisa akozesa okukangavvula mu bulamu bwa buli mukkiriza okubayigiriza, okubatendeka, n'okubakuza ne bafuuka omwana wa Katonda omukulu, omutuukirivu.

Laba Zabbuli 86:11; Abebbulaniya 12:5–11.

**okuzimba:** "Okuzimba; okulongoosa mu mpisa, mu magezi oba mu by'omwoyo; okuyigirizibwa."

Yesu Kristo yajja ku nsi okuleeta omuntu mu nkolagana ne Kitaawe. Mu ngeri y'emu, abakkiriza bayitibwa okukubirizagana okukula mu kwesigama kwabwe ku Kristo n'okukulaakulanya enkolagana ey'oku lusegere ey'omwoyo ne Kitaffe.

Laba Abaruumi 15:2; 1 Abakkolinso 14:12, 26; Abeefeso 4:29.



**okukolagana:** “Embeera y’okubeera awamu; ekitundu ky’omuntu ky’ayagala, omulimu, oba enneewulira; okukolagana n’abantu ku mitendera egy’enkanankana oba egy’omukwano.”

Obukristaayo obw’amazima kwe kugabana n’okufuna okuva eri munne. Essira liri ku Yesu Kristo n’obumu obw’awamu obw’okugabana n’okwetaba mu mubiri gwe (ekkanisa).

Okussa ekimu mu bakkiriza kiva mu kussa ekimu okw’oku lusegere n’Omulokozi. Laba Yokaana 17:3, 21; 1 Abakkolinso 1:9; 1 Yokaana 1:3–7..

**gulumiza:** “Okuwa ekitiibwa, okutendereza, oba okwegomba, okussa ekitiibwa; okuyiwa ekitiibwa.”

Obulamu bw’omukkiriza bugulumiza Katonda bwe bakyuka okuva mu butali butuukirivu ne babeera mu kugondera Katonda by’ayagala, mu kugondera Ekigambo kya Katonda, n’okwagala Omulokozi. Laba Matayo 5:16; 1 Abakkolinso 6:20; Okubikkulirwa 15:4.

**ekisa:** “Ekisa eky’obwakatonda tekisaanira; ekirabo kya Katonda ekisukkulumye ku butonde, eky’obwereere ekyaweebwa abantu olw’okuzaalibwa obuggya oba okutukuzibwa; obulokozi okuyita mu bulungibwansi bwa Yesu Kristo; okwagala okw’obwakatonda; okusonyiyibwa omwonoonyi eyeenenya.”

Ekisa bwe bulungi bwa Katonda eri abatasana, okusonyiyibwa ebibi okuweebwa ddala olw’ekisa kye, nga tekisinzira ddala ku mugaso gwonna ogw’omuntu asonyiyibwa. Laba Okukungubaga 3:22; Abaruumi 5:1–2; 6:14–15.

**obwetoowaze oba obuwombefu:** “Embeera oba omutindo gw’okubeera omwetoowaze mu mwoyo; eddembe okuva mu malala n’okwewulira; obuwombefu mu birowoozo; ekikolwa eky’okugondera oba empisa ez’obwetoowaze; si ba malala wadde okukakasa mu mwoyo.”

Obwetoowaze kikontana n’amalala era ngeri ya mpisa za Katonda. Katonda wa waggulu era mukulu, naye ate yekka wansi okufaayo ku bulamu obulungi bw’ebitonde bye. Katonda afuka ekisa kye ku beetoowaze.

Laba Zabbuli 113:5–6; Yakobo 4:6.

**Enkolagana ey’okumpi oba ey’okulegere:** “Okubeera ku lusegere mu nkolagana ey’obuntu oba omukwano; okumanyiirira; nga bakwatagana nnyo; ebikwata ku muntu ow’omunda.”

Yesu Kristo yafiira ku musaalaba okukola ekkubo abantu we bayinza okufuulibwa abatuukirivu ne Katonda n’okugabana mu nkolagana ey’oku lusegere naye.

Laba Engero 3:32; Yokaana 15:15.

**Okuggibwako omusango oba okulaga nti tolina musango:** "OkugambaOkugamba nti tti tolilinaa musangsango ooba okun okunenyanya; okusonyiwkusonyiwa omu omusangango; okukutwwalla ng'abatuuking'abatuukirivu; nvu; nga a temmulinalina kibonkibonerezezo kkyaa kkibibi."

Okuwa obujulizi kikontana n'okuvumirira. Katonda ye Mulamuzi Omutukuvu era ajja kuwa buli muntu ensala ey'obutuukirivu oba eyasaliirwa omusango. Abaana ba Katonda basonyiyibwa, oba baweebwa obutuukirivu mu Kristo.

Laba Isaaya 53:11; Abaruumi 3:28.

**okusaasira:** "Okugumiikiriza okutuusa obulabe olw'okubonereza; endowooza y'okusaasira oba okusonyiwa; okwagala okuwonya oba okuyamba; omukisa ogutwalibwa ng'okwolesebwa okusaasira oba okusiimibwa."

Katonda mugagga mu kusaasira, ekisa, n'okwagala okulungi eri abanaku n'abo ababonyaabonyezebwa. Newankubadde ng'abantu bonna balina omusango mu maaso ga Katonda, nga basaanidde okusalirwa omusango gwe, alaga okusaasira eri bonna abafuna Kristo ng'Omulokozi era Mukama waffe.

Laba Okuva 34:6; Abeefeso 2:4.

**amalala:** "Okuwulira omugaso gw'omuntu yennyini n'okukyawa ebiri wansi oba ebitasaana; okwegulumiza obusukkulumu mu ngeri etasaana."

Okuba n'amalala kikontana n'obwetoowaze. Amalala kwe kwefuula omutuukirivu, okwenoonya, okwesigamya, n'okwetongola ku Katonda. Kwe kuteeka okukkiriza oba obwesige mu muntu yennyini n'obusobozi bw'omuntu yennyini. Katonda awakanya ab'amalala.

Laba Engero 11:2; 16:18; Isaaya 2:17; 1 Yokaana 2:16; Yakobo 4:6.

**okutangirira:** "Okuggyawo obusungu n'okusanyusa; okutabaganya; okutangirira; okwefiiriza n'okufa kwa Kristo kwatwalibwa ng'okukkakkanya obwenkanya obw'obwakatonda n'okutabagana wakati wa Katonda n'abantu."

Katonda mutukuvu era awakanya nnyo ebibi. Obusungu bwa Katonda bwe busungu bwe obwenkanya era obutukuvu obutunuulidde ekibi ky'ensi. Yesu Kristo bwe yawaayo obulamu bwe ku musaalaba, yeetikka ekibi n'obutali butuukirivu bwonna obw'abantu. Ssaddaaka ye ey'omusaayi yamatiza obusungu bwa Katonda. Yesu ye kutangirira ebibi byaffe. Bonna abakkiriza ekibi kyabwe eri Katonda ne bakkiriza Kristo ng'Omulokozi era Mukama waffe, basonyiyibwa era ne bafuna ekisa kya Katonda okusinga obusungu bwe.

Laba Zabbuli 7:11–13; 1 Yokaana 2:1–2.

**okutabagana oba okutabagana:** "Okuzzaawo enkolagana oba omukwano; okuzzaawo emirembe, okussa ekimu, oba okusiimibwa nate."

Ekigambo kiyigiriza bulungi nti aboonoonyi balabe ba Katonda era basaana obusungu bwe.

Kristo yakola ku bulabe wakati w'abantu ne Katonda ng'afiira ku musaalaba n'aggyawo ekibi ky'ensi. Yesu asobozesezza omwonoonyi okutabagana ne Katonda.

Laba Abaruumi 5:10; 2 Abakkolinso 5:18–19..

**okununula oba okununula:**

"Okwedizza obuyinza nga osasula; okununula, okusumulula, oba okununula okuva mu buwambe oba mu buddu; okuwona oba okuzaala."

Okuva mu lusuku Adeni, abantu babadde baddu ba kibi. Yesu Kristo yanunula abantu okudda eri Katonda okuyita mu kufa kwe n'okuzuukira kwe. Abakkiriza basumululwa mu Kristo, ate abatali bakkiriza bakyagenda mu maaso n'okukwatibwa mu buddu bw'ekibi.

Laba Makko 10:45; 1 Peetero 1:18–19.

**okwenenya:** "Okuwulira ennaku oba okwejjusa; okukyusa endowooza y'omuntu oba omutima gwe ku bikwata ku bikolwa eby'emabega oba bye yali agenderera; okuwulira nga yejjusa olw'ekyo omuntu ky'akoze oba ky'alekayo okukola."

Omukkiriza bw'anaaba mu mazima olw'ekibi kye, ajja kwatula ekibi eri Katonda, akikyuse, yeewaayo eri Katonda, era atambulire mu kisa kye.

Laba Matayo 3:8; Ebikolwa 26:20b; Abeefeso 4:28.

**abatuukira:** "Okukola ekituufu; obwenkanya; abagolokofu; obwenkanya; naddala, nga temuli kibi, musango, oba kibi; ow'empisa ennungi; okusaanira."

Okusinziira ku byawandiikibwa, abatuukirivu bebo abatambulira ne Katonda. Aboonoonyi abagudde bafuulibwa abatuukirivu Yesu Kristo. N'ekisa agaba obutuukirivu bwe eri abo abafuna obulokozi bwe.

Laba Olubereberye 6:9; Abaruumi 5:19.

**Okutukuzibwa:** "Embeera y'okulongoosebwa; enkola y'ekisa kya Katonda okwagala kw'abantu mwe kuggyibwa ku kibi ne kugulumizibwa okutuuka ku kwagala okw'oku ntikko eri Katonda n'obutuukirivu."

Katonda atukuza omukkiriza mu kaseera k'obulokozi. Agenda mu maaso mu nkola y'okutukuzibwa ng'omukkiriza atambula naye mu kussa ekimu n'obuwulize. Okutukuzibwa kujja kuba kujjuvu ng'omukkiriza asisinkanye Omulokozi mu mirembe n'emirembe.

Laba 1 Abakkolinso 6:11; 1 Abasessaloniika 5:23; 1 Yokaana 3:2.

**ekibi:** "Okumenya amateeka ga Katonda; obutagondera kwagala kwa Katonda; okulemererwa kw'empisa; ekisobyo."

Ekibi kwe kusobya kwonna ku Kigambo kya Katonda, obuyinza, obulungi, amagezi, obwenkanya oba ekisa. Ekibi kiva mu mutima omujeemu oba ebirowoozo ebilimbiddwa era kikolebwako mu ndowooza, mu ndowooza, mu kigambo oba mu bikolwa.

Laba Zabbuli 51:4; 1 Yokaana 3:4; Abaruumi 14:23.

**omufuzi:** "Omuntu ow'oku ntikko oba ali mu buyinza, asinga abalala bonna mu kifo, ng'alina obuyinza obwetongodde oba obw'oku ntikko."

Katonda ye mufuzi. Alina amaanyi ag'oku ntikko, amagezi agataliiko kkomo, n'obuyinza obujjuvu ku buli kintu kye yatonda.

Laba Zabbuli 139:1–16; Danyeri 4:35; Okubikkulirwa 4:11.

**okukyusa:** "Okukyusa ekifaananyi kya; okukyusa mu butonde, mu nneeyisa, mu mutima oba ebirala ebiringa ebyo; okukyuka." Nga tutambula mu nkolagana ey'oku lusegere ne Yesu Kristo, akyusa obulamu bwaffe okulaga ekifaananyi kye n'empisa ze. Tujja kukyusibwa ddala okwolesebwa ekitiibwa kye nga tuyingira naye emirembe n'emirembe.

Laba 1 Abakkolinso 15:51–52; 2 Abakkolinso 3:18; Abafiripi 3:21; 1 Yokaana 3:2.

**okusobya oba obusobya:** "Ekibi; okumenya ekiragi, etteeka oba omulimu gw'omuntu; oyo amenya etteeka, oba amenya etteeka oba omusingi gwonna ogumanyiddwa ogw'obugolokofu."

Katonda yateekawo omutindo gwe ogw'obutuukirivu mu mateeka ekkumi. Abo abamenya ebiragiro bye bafuuka abamenyi b'amateeka, abasaanira okufa. Yesu Kristo yajja ku nsi okutuukiriza amateeka, okwetikka ekibi ky'omuntu ku musaalaba, n'okukakasa obutuukirivu eri bonna abamukkiririzaamu.

Laba Isaaya 53:12; Matayo 5:17; Abaruumi 5:18; 7:12; Abebbulaniya 2:2.

## Ebbaluwa Eri Omuyigirizwa

Omuyigirizwa omwagalwa,

Nga tuggalawo ekitabo kino eky'okuyigiriza abantu, nkukubiriza okufumiitiriza ku byonna by'oyize ku kye kitegeeza okubeera mu kukkiriza ng'Omukristaayo. Nsaba nti okunoonyereza kuno kukuyambye okukulambika mu nkolagana ekuze, ekulaakulana ne Yesu Kristo era okukuzibula amaaso ku nteekateeka ya Katonda ey'okufuuka abayigirizwa.

Ekkanisa engenda eggya amaaso ku Kiragiyo Ekinene Yesu ky'ayita abakkiriza bonna okugondera. Abakristaayo beeyongera obutamanya kiki Ekiragiyo Ekinene kye kiri. Amakanisa okwetoloola ensi yonna gawugulibwa, nga essira liteekebwa ku pulogulaamu zaago ez'omunda oba emisomo gyago nga tegalina bikozebwa bya bammemba baago okugondera ekiragiyo kya Yesu ekitegeerekeka obulungi. Naye kakano omanyi ekiragiyo Yesu kye yakuwadde:

<sup>19</sup>Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gona abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;  
<sup>20</sup>nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo." - (Matayo 28:19-20).

Nkwegayirira okugondera ekiragiyo kye okufuuka omu ku bayigirizwa be. Bw'ogenda nga okukula mu kukkiriza kwo, saba amagezi n'okutegeera okumanya ddi lw'oba otuse okuyigiriza omulala mu kukkiriza kwabwe. Bw'oba weetegese, zibula amaaso go eri abantu Katonda b'atadde mu bulamu bwo, era onoonye n'obunyiikivu abo b'osobola okuyigiriza. Ekitabo kino eky'okukola kiyinza okuba ekintu ekiyamba mu buwulize bwo.

Obuwerza bw'okuyigiriza amaka (Family Discipleship Ministries) era bulina ebitabo bingi ebikwata ku bufumbo n'okukuza abaana okukukwataganya n'amagezi n'okuyigiriza ebiweebwa Ekigambo kya Katonda. Emizingo gy'Obufumbo Buweereza ne "Okukuza Abaana Buwereza" byombi biyamba okuleeta ekitiibwa eri Katonda ng'oyita mu maka go. Era zisobola okukozesebwa okuyigiriza abalala. Ebikozesebwa bino sobola okubisanga ku mukutu gwaffe ogwa yintaneeti, [www.FDM.world](http://www.FDM.world).

Mukama akuwe omukisa era akuume.

Muganda wo mu Kristo.

Omusumba Craig Caster

## **Ebikwata Kumuwandiisi**

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafulumu mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuŋjaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekigambo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

### **Daamu amaanyi.**

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebyafaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okutya okuyigiriza oba okwogera, oba obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo oba ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

### **Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.**

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

<sup>1</sup>Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; <sup>2</sup>ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

<sup>3</sup>Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. <sup>4</sup>Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. <sup>5</sup>Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; <sup>6</sup>era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; <sup>7</sup>era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. <sup>8</sup>Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

## **Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka**

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebwa ku yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekigendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulembeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkanisa gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebintu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwereere ebisangibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.